# Okugezaako Okuweereza Katonda Nga Si Kwagala Kwe

Shreveport, Louisiana USA

Novemba 27, 1965

1 Baganda bange abaweereza, era nammwe mikwano gyange wabweru eyo, ŋŋamba nti kya mukisa okubeera wano amakya ga leero. Ennyanjula nga eyo, lwaki, simanyi ngeri ki gye ŋŋenda kubeerawo okutuukiriza ekyo.

Naye okutuula awo nga twogera, ow'oluganda Nolan nange, si kkiriza nti nnali nsisinkanye omuntu ali nga oyo ddala...(Ffena twakolebwa mu butiba bwanjawulo, naye nga Katonda y'omu.) Nga ow'oluganda Jack Moore,um-um, kale, mazima abadde...Ow'oluganda Nolan abadde agamba nti, "Okuva bwe mbaddenga wano naye..." (Oyo ye mukoddomi we, era n'engeri gye yali ayizeemu okumwagala era n'okusaamu ekitiibwa amagezi ge n'ebintu. Era ekyo ...Nsobola okugamba nti, "amiina" eri ekyo. Ebintu ebirungi ebingi...ebiseera bye tufunye ffena awamu, ye era nange, n'Ow'oluganda Brown, Ow'oluganda Boutliere wano. Abasajja ba Katonda abalungi be njagala n'omutima gwange gwonna.

Era nate nze-nze ndaba ffena tetuli mu kudda buto, kale, ndowooza bulowooza ku kaseera kaakati akatutunuulidde nga bwe tukyuka okuva mu myaka nga abiri egiyise nga tusomoka amalungu, era n'ebirala nga ffena tuli ng'abasajja abato. Naye nga tumanyi nti waliyo ensi gye tutalikaddiwa. Tulisisinkana eyo olunaku olumu.

2 Ekiro kya jjo bwe nnabadde nva mu kkuŋŋaaniro, waabaddewo omukyala omuto eyabadde yeebase wali ku katanda, era n'angamba nti, "Ow'oluganda Branham, emyaka egiyise ..." Ndowooza yali yasannyalala. N'agamba nti, "Waŋŋamba..." nneerabidde kiki omukazi kye yayogedde ku ekyo kaakati, ekintu bwe kiti, leka nsuubire nti ssiikyogere bubi. N'agamba nti, "Nti kuno okubonaabona kwe nnalina kwali kwa nsonga," oba ekintu ekimu, nti yazaala omwana. Era n'atasobola kutegeera ngeri ki ekyo bwe kinaakolebwa ng'ali mu mbeera eyo.

Waabadde wayimiriddewo omusajja, omuto, ng'alabikka bulungi, n'agamba nti, "Nze mwana oyo gwe yazaala." N'agamba nti, "Nze mwana oyo gwe yazaala."

Era ebintu bingi ebibaddewo mu banga eriyise, tetulina na budde bumala wano kukyogerako. Tujja kuba nabwo ku ludda luli.

3 Era eno essuula ya Businessmen. Sirina kibiina kyona kye nggwaamu, nteebereza nga mwena wemumanyi, naye nze . . . Kino kye kibiinja kyokka kye nkwatagana nakyo, tambula ne ttikiti y'olukungaana, . . . Tebalina kibiina kye baggwaamu, ba business men. Babadde kya bugaga kinene gyendi era n'eri ekika ky'obuweereza Mukama Kitafe bwampadde. Kiri . . . tekiri nti oba saagala kibiina; buweereza obumpereddwa, era bwemba siri mwesigwa eri kuyitibwa okwo, awo nja kuba omuntu atali mwesigwa eri Katonda.

4 Era, ndowooza, bwe nnali nga ssinava mu Tucson, oba oli awo bangi ku mmwe mwaliyo eyo, olunaku lumu nnali mu, Los Angeles nga njogerako eri aba chapter. Era eyo waaliyo...ekibiina nnakikomereramu kko oba oli awo n'amaanyi mangi. Ssaakitegeeza kubeera mu ngeri eyo. Oba mukitwala ekyo nti ssiri waakisa, awo waakiri mbeera omunnanfuusi. Temuteekeddwa kukikola ekyo, nedda, ekyo kubeera kweggyako muntu. Wabula nnayogera ku muti ggwe nnalaba mu lujja lw'ow'oluganda Sharrit. Gwali guliko ebika by'ebibala nga bitaano. Era ne ŋŋamba nti, "Sirabanga ku muti gufaanana bwegutyo mu bulamu bwange." Gwali...gwaliko ekibala ky'omuzabbibu, gwaliko enniimu, gwaliko mangada, seccungwa, emicungwa, byonna nga bikulira ku muti gwe gumu. "Kale," Nnagamba nti, "nze-nze mu mazima ekyo sikitegeera. Guno muti kika ki?"

"Muti gwa mucungwa"

Era ne ŋŋamba nti, "Kale, ekyo ekibala kya muzabbibu?"

N'agamba nti, "Weewaawo."

Ne ŋŋamba nti, "Kisoboka kitya ekyo?"

N'agamba nti, "ekyo kikookereko."

Era ne ŋŋamba nti, "Oh, nkiraba."

N'agamba nti, "Byonna biva mu famire ya micungwa, era buli muti gwonna oguva mu famire y'emicungwa... gusobola okukookerwako."

Ne ŋŋamba nti, "Nkitegeera." Kaakati awo ne ntandika okuleekaanamu katono, omanyi, kubanga ntya ate nkyamuka mangu.

Kaakati awo n'agamba nti, "Ate buzibu ki?"

5 Era ne ŋŋamba nti, "Kale, mbadde nnina kye ndowooza." Era nnagamba nti, "Kaakati njagala

okukubuuzaayo ekibuuzo.” Ne ŋŋamba nti, “Kaakati, omwaka ogujja ebumuli bwe bunajja, tekujja kubeerako micungwa, secungwa, mizabbibu, na nniimu; gyonna gijja kubeera micungwa kubanga omuti gwa micungwa, si bwe kinaabeera?”

N'agamba nti, “Nedda, nedda. Nedda, buli ttabi libalako byalyo.”

Ne ŋŋamba nti, “Nkiraba.”

N'olwekyo ekyo era kyali kiwulikika bulungi nnyo, kubanga nze...omanyi ndi...mazima nnafuna ddiguli okuva mu Hartford era ne zino zi Ssettendekero endala, omanyi. N'olwekyo-n'olwekyo ndi...ntunuulira obutonde, eyo ye Ssettendekero esinga gye nnaakazuulayo, Ssettendekero y'Omutonzi. N'olwekyo bwe nkitunuulira ekyo, nfuna enjiri yange gye mbuulirako okuva ku ngeri gye ntunuuliramu obutonde nga bweyisa.

Era ne ŋŋamba nti, “Kale, ekyo kindeetera okuwulira obulungi ennyo.”

N'agamba nti, “Buzibu ki?”

Ne mmugamba nti, “nnina kye ndowoozezzaako.”

6 N'olwekyo, olunaku olwo, nnali mbuulira ku ekyo. Era ne ŋŋamba nti, “Kaakati, mulaba, ekkanisa bwe yali nga yaakatandika, yali...Yesu yagamba...” nnali mbuulira mu Yokaana 15, '“Nze muzabbibu, mmwe matabi. Era na buli ttabi eritabala bibala lijja kutemebwako, lyokebwe.”

Era omuntu omu yannyiga obulago n'amaanyi ku ekyo, n'agamba nti, “Olaba, mbadde ndowooza nti bw'obeera nga wali ojjuziddwaako n'Omwoyo Omutukuvu era n'olokoka, wagamba nti, 'tebasobola ku kivaamu.'”

“Ekyo kituufu.”

N'agamba nti, “Ate ekyo?”

Ne ŋŋamba nti, “Kaakati oyogera ku ssomo lya njawulo. Kaakati ayogera ku kubala bibala awo, si Muzabbibu; ayogera ku kubala bibala, naye si Bulamu. Yagamba nti, 'Kale, tema butemi ekikuta ky'omuti ogwo awo gujja kukula, bala ebibala.

N'agamba nti...

Era ne ŋŋamba nti, “Kaakati, olaba, omuti guno, bwe gwatandika, gwonna gwali gw'amazima, Abakristaayo ba Baibuli. Kaakati awo ne wajjawo ettabi eriyitibwa Abaluther, Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibataliya: enniimu n'ebirala.” Era ne ŋŋamba nti, “Maba, kya yitimukira tmu linnya ly'Obukristaayo, naye ki...omuti gwe gukibeezawo, naye ate nga kiri mukubala birala byakyo eby'ekinnadiini. Mulaba? Naye” ne ŋŋamba nti, “singa omuti gw'omucungwa ogwo guleeta ettabi lyagwo eddala gwo gwennyini, gujja kubala micungwa nga bwe gwa kikola ku lebereberye.”

7 Awo waatuuka ne wabaawo akulira eky'amaanyi...ebimu ku bibiina byaffe ebya Pentekoote eby'amaanyi nga biri waggulu awo. Simanyi ngeri yakukikolamu nti buli muntu ajja kukitegeera nti-nti si kirowoozo kyange nti nkyaawa ab'oluganda abo, ne bannyinaffe; ekyo kikyaamu. Ntegereebwa bubi nnyo, era simanyi lwaki. Mulaba? Abantu balowooza nti n'okukkiriza si kkiririza mu bantu kugenda ku kkanisa. Ekyo kiri mayiro kakadde kalamba okuva ku mazima. “Tulina okukuŋŋanira awamu, era n'ekisingira ddala tulaba olunaku nga lusembedde.” Mulaba? Tulina okukuŋŋaanira awamu mu bumu. Tuyinza obutasobola ku...

Singa nnali mbeera mu kibuga era nga tebalinaayo kintu kyonna eyo okuggyako... kale, ekkanisa emu (ssaagala kwogera linnya lyonna), naye ekkanisa yonna, singa bakkiririza mu kintu kimu kyokka, nti Yesu yali wa bwa Katonda, ebirala byonna byali bikyaamu, mba nsobola kugenda mu kkanisa eyo. bwemba sisobola kufuna mugaati mulamba, waakiri ntwala ttoosi emu. Mulaba? Nja kugenda mpulirize, nsiinze Mukama, era mmulage Ye nti nkola luwalo lwange. Njagala Ye amanye nti ndi mulamu. Njagala buli muntu ategeere oludda lwe ndiko. Nkuŋŋaana n'Abakristaayo, era eyo ne nsinza ate era ne mpeereza Mukama.

8 Naye kizibu nnyo, nze...kyantawanyaanga nnyo, naye ate ne nkizuula nti ne Mukama waffe yennyini yategeerebwa bubi mu bintu bingi nnyo. Yabeerangako ekintu ky'Ayogera, era ne bi...ne bitegeerebwa bubi. Nsuubira kiteekeddwa kubeera bwe kityo. Naye abo abagezi bajja kutegeera. Mulaba? Baibuli bw'egamba bw'etyo. Bajja kukifuna.

N'olwekyo amakya ga leero nga bwe njogera kino...era nnagambye nti, “Kaakati, ba-babeerawo bonna lwa linnya lya Bukristaayo, naye babala ebibala ebikyaamu. Kirina ebibala bya kibiina kya ddiini. Bateekawo ekintu, naye ne babeerawo ku ekyo, ne baviira ddala ku Bulamu bwennyini.”

9 Ekyo kyennabadde ngezaako okwogera ekiro kya jjo, Omwoyo ogwo gusobola okubatizibwa mu Mwoyo ogwo naye ate era ne gusigala nga si Mukristaayo. Mulaba? Nga Obulamu bwe bumu bwe

bukubeezaawo, naye ate ng'ebibala by'obala bye biraga ekyo ky'oli. Mulaba? Ekyo kituufu. Mulaba. Basobola okukola obubonero bwonna, era ne basabira abalwadde, ne bawonya abalwadde, ne bazibula amaaso, ne bagoba emizimu, ne-ne bakola n'ebintu bino byonna. Nga babeerawo butereevu ku Bulamu bwe bumu obuli munda eyo, naye era eyo ekyali nniimu. Mulaba? Ekyo kituufu. "Ebibala, bye bakumanyiko," Yesu bwe Yagamba era bwe tutyo bwe tuzuula...

Era bwe nnavudde ku kituuti, omukulembeze ono ow'amaanyi n'ayimuka, n'agamba nti, "Teyategeezezza ekyo." N'agamba nti, "Tukimanyi nti fenna twakookerwako okuyingira munda." Kale, ekyo kituufu nti fenna twakookerwako, ekikolo kyakookerwako, ekyo kituufu; naye si kukookerwa ku Muzabbibu. N'olwekyo awo n'agamba nti...n'atandika okubeeranga answazaamu.

10 Era waaliwo omuvubuka omuto awo, ndowooza nti muzannyi nnakinku owa firimu. Erinnya lye ye Danny Henry, era yali mulenzi mu Baputisiti. Kale, n'ajja ku kituuti okunteekako emikono gye okunneetooloola, era n'agamba nti, "ow'Oluganda Branham, leka nsuubire nti kino tekijja kuwulikika nga ekivvoola, wabula" yagamba nti, "Nzikiriza nti ekyo kumpi kisobola okubeera mu ssuula eya 23 ey'Okubikkulirwa."

Era ne ŋŋamba nti, "Weebale."

Era awo n'atandika okubaako ekintu ekirala ky'ayogera era n'atandiika okwogera mu nnimi, omulenzi omu Baputisiti. Era bwe yakikola, waaliwo omukyala awo okuva wano mu Louisiana, yali mukyala mufalansa, ng'alinga omukyala omunene ow'amaanyi, n'awandiika wansi okuvvuunula.

Kale, kakaati awo waaliwo omuvubuka omuto ng'atudde awo yali mufalansa, yawandiika wansi bye yayogera. Ne bageerageranya ebiwandiikiddwa, era nga byombi bye bimu.

Era awo omuvubuka munene, ow'omutwe ogw'enviiri ezaakitaka yali ayimiridde wala eri emabega, ku Clifton cafeteria, n'ajja ng'atambula. N'agamba nti, "Leka ndabe ebiwandiikiddwa ebyo. Njagala kulaba bwe bya badde."

11 Era byonna ebisatu byali bye bimu okuva mu kuvvuunula. Yali muvvuunuzi okuva mu kibiina ky'amawanga amagatte ekya U.N omuvvuunuzi omufalansa. Era kyali gigamba bwe kiti:

Kubanga olonzeewo ekkubo lino eggolokofu era effunda, eggumu, okikoze mu kusalawo kwo ggwe,

Naye nga kusalawo kwa kitiibwa okwo kw'okoze, kubanga LY'EKKUBO LYANGE. Mulaba? Era nnagamba nti...era ne yeeyongerayo n'agamba nti:

Kino kyennyini mu kyo kye kijja okutuukiriza era kikole n'okuleeta, kituukirize obuwanguzi obw'amaanyi mu kwagala kw'obwa Katonda.

Mulaba, bulijjo, ne mu Bufalansa, ekikolwa emabega wa nnakongeza kikolwa awo mu-mu-mu kuvvuunula. N'olwekyo mu ekyo sandigambye nti...Musa, yakola okusalawo kwe, yali alina okukola okusalawo kwe. Fenna tulina okukola okusalawo kwaffe era tukole ekisingayo ku kye tusobola. Era Katonda...nzisaamu ekitiibwa obubaka bw'omuntu yenna bw'awadde obukwata ku Katonda. Nze...kyonna kye kiri, ekyo nkisaamu ekitiibwa n'omutima gwange gwonna.

12 Kaakati, nnalabye ow'oluganda omu omuto nga ajja akabanga akayise, ow'oluganda Stringer, ndowooza ava wammanga eyo mu Louisiana...oba Mississippi, yatuleetera ebifaananyi wano bye mutulabye nga tulaba. Byali bya Malayika wa Mukama, lwe yalabika. Bameka abaawulira emboozi eyo? Nteebereza mwenna abali wano mwakiwulirako. Mwakiwulira ku katambi, era n'ebirala.

Kaakati, ekyo bakimbuulira lumu ku makya ku ssaawa kkumi, nga nnyimiridde mu kisenge kyange mu Indiana. Ne baŋŋamba nti nja kubeera mu Tucson, nkeere ku makya ennyo, ŋŋenda kuba nzigya Ekikwata ndiga (bwe tukiyita eyo kitwe kya mbuzi) okugiggya ku mugulu g'empale yange. Era ne Bamalayika omusanvu bajja kino ne bakyabya, ne wansi ne waatikka era n'ebirala byonna, eri...enjazi ne ziyiringita okuva ku nsozi, era Bamalayika omusanvu nga bayimiridde awo.

Era ne ŋŋamba nti, "Kale..." nnagamba mukyala wange, era alina waali amakya ga leero, "Tegeka buli kimu byonna kubanga tewali ngeri muntu gy'ayinza kukibeezaawo ekyo," Ne ŋŋamba nti, "kiveemu ekyo. Ŋŋenda Tucson, omulimu gwange guwedde wano ku nsi.

Ŋŋenda waka kubeera ne Mukama Yesu."

"Kale," n'agamba nti, "okikakasa?"

Ne ŋŋamba nti, "Yee. Weewaawo, tewali muntu n'omu yenna asobola okukigumira ekyo. Tewaliiwo ngeri yaakukikolamu."

13 Nnakabuulira Emirembe gy'Amakanisa Omusanvu. Awo we nnali mpitidde muganda waffe omuvumu Jack Moore okubeerako kye mmubuuza ku kino, Yesu, mu kubikkulirwa 1, ng'ayimiridde awo n'enviiri

enjeru n'ebirala.

Ne ŋŋamba nti, “Yali muvubuka Muto.” Era awo okubikkulirwa we kuva okubeera ng'ataddeko ekiviiri ky'okumutwe ekya wiigi, si Ye; ayambadde ki wiigi (era ssaasobola kukitegeera), okubeera Obwa Katonda Obusukkulumu. Era n'abalamuzi abakadde baakikolanga mu Isiraeri, baalina okubeera n'omutwe omweru. Era ekyeru kitegeeza obulongoofu. Era abalamuzi Abangereza mu kkooti za Bungereza ensukkulumu n'okutuusa olwa leero, bambala ki wiigi enkeru nga bafulumayo, kubanga tewaliiyo tteeka ddala mu nsi liri waggulu wagaabwe. Mulaba? Era be balamuzi abasukkulumu.

14 Era nzijukira nti nnagenda eyo mu Arizona era na buli kimu, ngezaako kyonna nkyensobola oku...nga ntidde n'okubula okufa. Nnagenda mu lukuŋŋaana lw'e Phoenix. Era mujjukira, nnabuulira obubaka, obwa Bassebo, Budde Ki? Mu kijjukira ekyo? Nnagambye nti ekyo nnakiraba, ne ŋŋamba nti, “Nga tekinnatuukirira, mujjukire, BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA, 'Waliwo ekintu ekigenda okutuukawo.'” Oba oli awo mulina obutambi mu materekero gamwe ag'ebitabo kaakati. Era eyo nnagamba nti, “Mujjukire kaakati okwolesebwa okutalemererwa. 'Waliwo ekintu ekigenda okutuukawo.' Mujjukire!”

15 Era ennaku ntono oluvannyuma lw'ekyo, nnali ntandise okutya, era ne ndowooza nti, “Kiki kino? Ŋŋenda kufa? Singa...nze nsuubira nti kigenda kubeerawo mu bwangu bwe kityo nsobole okukiyitako. Ssaagala kwe sisiggaza.”

Era amakya agamu Mukama yaŋŋamba nti, “Yambuka waggulu ku ntikko ya Sabino Canyon.”

Era nnali waggulu eyo nga mpanise emikono gyange, nga nsaba. Ne mpulira ekintu nga kikuba omukono gwange. Kyali kitala. Kaakati, osobola okuteebereza bw'oyinza okuwulira, ng'oyimiriddeyo wekka era wano nga waliwo akambe nga kali mu ngalo zo akawanvu bwe katyo. Ne nkasika wansi era ne nkatunuulira. Kaali kambe bwambe, akamu ku bwo...kyokka nze ntya akambe, mu buli ngeri. Era ka-kaaliko ekikyuma, ekintu ng'akamu ku buno obwambe buno, ng'ekyuma ekiringa eky'ekibya oba ekiringa ekyo, nga kasongovu nnyo ate nga katono. Nga kaliko okuketooloola wano ekikwatibwako ng'okakozesa, awo abalwanagana we bakozesa, okwekuuma okusalaŋŋana emikono era-era kaaliko luulu ku kikwata wano. Nga kagya bulungi mu mukono gwange. Kale, ne nneesimuula mu maaso gange era ne ntunula emabega.

Awo mu kifo ekyo kyennyini, ku lunaku luli, nnalaba ejjuba etono eryeru nga likka wansi. Ekyo nja kukibagambako edda.

16 Era nnali nkikute ekyo mu ngalo zange, ne ndowooza nti, “Ekyo nga si kyabulijjo. Kaakati, Mukama, nze...ndi mukugwa ddalu? Wano tewaliiwo muntu yenna. Ndi Mayiro nnyingi okuva awali omuntu yenna kyokka kiikino wano ekitala. Nnali mpanise omukono gwange waggulu, era wa gye kivudde?” era ne ndowooza nti, “Ekyo ky'ekintu ekisinga obutategeerekeka. Kaakati tunula wano, kino kitala.” Mulaba, okukikubako, era nga kyali kitala.‟ Ne ŋŋamba nti, ”Wano tewaliiwo muntu yenna ayimiriddewo. Ndi waggulu w'olusozi ku ntikko w'enjazi zino, okutuukira ddala ku ntikko y'olusozi.‟ Era okuva eyo nga tosobola na kulaba Tucson. Yali wansi nnyo.

17 Ne ndowooza nti, “Kaakati, ekyo kintu si kyabulijjo. Kaakati, wano okumpi walina okubeerawo omuntu omu awantu awamu, asobola okukola ekitala era n'akiteeka mu mukono gwange.” Ne ŋŋamba nti, “Kiyinza okubeera nga ye Katonda oyo yennyini eyatondera Ibulayimu endiga, eyasobola okutonda bukaamuje,” nga gw'owulidde. Era ne

ŋŋamba nti, “Kiikino wano ekikozesebwa, kirimu ebikozesebwa ebyenjawulo bya bika bisatu. Kyokka nkikutte mu mukono gwange nga kyannamaddala nga ekintu kyonna ekirala omuntu kye nnyinza okukwata mu mukono gwange.”

Ne mpulira eddoboozi, nga ligamba nti, “Ekyo ky'ekitala kya Kabaka!”

18 Era ne nneebuuza nti, “Kaakati, ekyo kivudde wa? Kyali awo ddala mu njazi awantu awamu.” Era ne nkikwata mu mukono gwange bwentyo, era ne ŋŋamba nti, “Ekitala kya Kabaka.” Era ne ntunula okwetooloola awo, ng'ekitala kigenze. Era ne ŋŋamba nti, “Ekitala kya Kabaka.” Ekyo kyaku...mulwanyi wa Kabaka alina-alina ekitala, ndowooza ekyo kituufu, eggye oba engeri emu, bakirwanisa, omanyi. Ne ŋŋamba nti, “Kale, ekyo kirabika eyo y'ensonga eya kiteekesaawo. Kitegeeza nti oba oli awo ŋŋenda kuteeka emikono ku baweereza, oba ekintu ekiringa ekyo, nti, okubafuula abaweereza.” Era awo nze...

Eddoboozi ne liddamu ne lyogera nate, ne ligamba nti, “Ekitala kya Kabaka!” si kabaka; Ekitala kya Kabaka! Mulaba?

Ne ndowooza nti, “Kaakati, kirabika nze si kyategeera bulungi, endowooza yange edduse oba waliwo ekintu ekimu ekigenda mu maaso, waliwo omuntu ayimiridde nange wano okumpi.”

19 Era ab'oluganda, ebintu bino bituufu. Simanyi-nze simanyi ngeri ya kukibabuuliramu, bulijjo mu kirabye nga kibeerawo mu ngeri eyo. Kituufu. Mulaba? Era kiri...Ssaasobola kukitegeera. N'olwekyo y'enneewulira

ekyasinze obutategeerekeka.

Era nnayimirira awo. Ne ndowooza nti, "Kaakati, oba Y'Oyo abaddenga ayogera nange obulamu bwange bwonna, okuva nga nkyali mwana muto omuwere ow'obulenzi, y'ayimiridde wano wennyini, kyokka nga sisobola kumulaba Ye yadde." Ne ŋŋamba nti, "Ekitala kya Kabaka?" ekyo kiyinza okubeera...Katonda ye Kabaka. "Ate ekitala kino kye kiki?"

"Ekigambo, kiteekeddwa mu mukono gwo." N'agamba nti, "Totya kufa, bwe buweereza bwo."

20 Oh, abaffe! Ne nserengeta okuva ku lusozi olwo; nga nkaaba, ndekaana, waggulu w'eddoboozi lyange, nga mbuuka enjazi. Ne nserengeta, ne ŋŋamba mukyala wange, nnagamba nti, "Sigenda kufa, mulaba, bwe-bwe-bwe buweereza bwange." (Nnamugamba nti akwatagane ne Billy Paul wano, era batwale abaana. Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, sirina kintu kyonna, naye ekkanisa ejja kulaba nti enjala tebaluma era n'ebirala, era nja-nja kukusisinkana ng'osaze ensalosalo.") Era-era na...ne ŋŋamba nti, "Nedda, sigenda kufa, kino kikwata ku buweereza bwange."

21 Ennaku ntono oluvannyuma lw'ebyo nnali nfuluma okuva mu lukuŋŋaana; nnali nnina ebbaluwa ya miko esatu, yali evudde wano mu Houston, Texas. Era omusajja oyo eya nkolokota obubi ennyo ekiro ekyo Malayika wa Mukama lwe bamukwata mu kifaananyi awo mu Houston, yampita waggulu, n'agamba nti... yaweerezza ebbaluwa, mukyala we n'agamba nti, "Mmanyi, ow'oluganda Branham, olina by'okola bingi nnyo. Mutabani wange (mutabani wa mwanyina wa Ted Kipperman, ali ku kibonerezo kya kufa agenda kufiira mu katebe." N'agamba nti... (Watya singa oyo abadde Billy Paul?). Yagamba nti, "Ye era n'omuwala omuto balina okufa." Era mwenna mwabisomye mu mawulire, ddala. N'agamba nti, "Essuubi lyokka lye tulina ye ggwe okujja era n'oteekawo olukuŋŋaana era n'okuŋŋaanya abantu awamu."

22 Era Raymond Hoekstra yali ampandiikidde emirundi egiwerako, naye omanyi, nnali ntegese nti oluvannyuma lw'olukuŋŋaana olwo

ŋŋende ku lugenda lw'okuyigga awamu ne Mwami. Mc Anally era n'abalala. Era ne ndowooza nti, "Kale, singa ndeka abaana abo ne bafa era ne siteekamu maanyi gange, siriddamu kusobola kugenda kuyigga nate."

Kaakati awo ne ŋŋamba nti, "Kale, nja kujja." ne ŋŋenda mu Houston, ne tubeera n'olukuŋŋaana, era mu mazima...tebaabatta, bamala ga... baababawa obulamu. Era ekyo kye baali baagala bakole, kubawa buwi bulamu. N'olwekyo egyo giringa myaka abiri, bwe nteebereza, mu-mu Texas.

23 Bwe kityo awo, era bwe nnaddayo, ne nnyambuka waggulu mu lusozi era nnagenda n'ow'oluganda Fred Sothmann. Alina waali wano. Ow'oluganda Fred, oli ludda wa? Wano wennyini. Ow'oluganda Fred Sothermann, ow'oluganda Gene Norman; olunaku lumu, olunaku olw'okubiri nga tutudde awo, Malayika wa Mukama yajja butereevu mu nsiisira eyo gye twali, era n'atandika okutubuulira ebikwata ku baana baabwe era n'ebintu bye baali bakola.

Nnavaawo era ne nzirayo ku kasozi. Era nnali mmaze okufuna embizzi yange ey'omu nsiko, era nnali ngezaako okugoberayo ow'oluganda Fred emu. Bwentyo awo n'enzuula we zaali ziriira eyo ku ludda lw'akasozi, era ne

ŋŋamba nti, "Kale kaakati, mbabuulire kiki kye nzija okukola, ow'oluganda Fred." Nnagamba nti, "Kaakati, ggwe genda mu kifo ekyo ku makya." Ffe tugende wangulu eyo emisana, walaampa waggulu ku lusozi. "Era gendayo ng'obudde bwa misana, nze nja kugenda ku ludda luli olulala. Kaakati, sijja kubeerako na gye nkuba, naye bwe zinaddukira oluyi luno, nja kukuba essasi mu maaso gaazo era nzikyuse zikomewo. Gwe olondeko esinga obunene."

N'agamba nti, "Kale,"

24 Kale nno awo ow'oluganda Fred n'agendayo eyo. Ate ow'oluganda Gene Norman (Sirowooza oba ow'Oluganda Gene yazze, yazze?), yali-yali ku ludda luli. Bangi ku mmwe mumanyi Gene Norman, Mukwano wa kulusegere eri abangi, ow'oluganda omulungi. Era n'aserengetako wansiko. Awo embizzi ezo, zaali tezinnatuukawo mu kiseera ekyo. Era nnali nsobola okulaba ow'oluganda Fred, ng'amuwuubira, yali kumpi mayiro nnamba okuva wendi. Kale, ne nneebuuza nti, "Wa we ziyinza okuba nga zigenze?" Nnaserengeta wansi mu luwonko olunene, era ne ntuuka wansi, ne ndowooza nti, "Nja kulaba oba nga nsobola okuzuula weziri," Ne nzirayo waggulu. Bwali obudde bwakakya, enjuba yali yaakatandika okuvaayo.

25 Ne ŋŋenda awali oluwonko olunene ennyo, oh, abaffe, enkumi n'enkumi za fuuti, nga waliwo enjazi ez'amaanyi mu kikko ekyo ekinene, ebisenge ebyo ebinene. Era bwali nga bu...omusana nga guvaayo, ssaawa nga emu, nteebereza, oba ekintu ekiringa ekyo. Ne ntuula wansi nga bwe ntunula okwetooloola awo, era ne ntunula wansi ku mugulu gw'empale yange era nga kuliko omuddo ogukwatira ogwa ssekkoteka . Era ne ŋŋamba nti, "Omanyi, ekyo nga si kyabulijjo. Omanyi, Malayika wa Mukama yaŋŋamba nti kumpi mayiro nga amakumi ana mu mambuka g'ebuvanjuba bwa Tucson, nja kuba nnonda

ssekkoteka nga mmuggya ku mugulu gwange." Okijjukira? Okijjukira? Yee, ssebo. Mulaba? Ne ŋŋamba nti, "nga kyewuunyisa." Mbadde nkyakijjukira.

26 Era awo bwe nnatunula waggulu, ne ndaba embizi nga amakumi abbiri mu buwanvu nga bwa yaaddi bitaano okuva we nnali, nga zivaayo zirya era ne zigalamira wansi. Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, singa nsobola okufuna ow'oluganda Fred era ne mmutuusa mu kifo ekyo kyennyini awo, ajja kufuna embizzi ye awo wennyini. Naye mmanyi nti ali mayiro nga emu oba bbiri okuva ne wendi kaakati. N'olwekyo," Nnagamba nti, "Singa nsobola okusala akasozi ako akatono nga tezindabye, waggulu w'omuti gw'omwoloola guno omutono awo," Ne ŋŋamba nti, "singa nsobola okutuuka ku ludda lw'eno, waliwo akakubo k'ensolo ensama akaserengeta ku ludda luno. Nsobola okudduka waggulu eyo era ne nzibulako. Era ne mpanikawo akatundu k'olupapula akotono wano w'ensobola okutegeera wa wenkwata, ku ludda lwo kiwonvu, nsobole okunona ow'oluganda Fred mu budde."

27 Era ne nkasuka ono ssekkoteka wansi, nga ekyo nkyerabidde. Era ne ntandika okuyita ku ludda lw'akasozi mpola ddala nga bwe ntunula emabega, tezandaba, ne nserengeta wansi era ne ntuuka mu kakubo kano ak'ensolo ensama. Nnali nnyambadde enkuufiira ennene enzirugavu. Ne ntandika okudduka okuyita mu kiwonvu kino mu bwangu, era ne kituukawo.

Ensi yonna n'ekankana, buli wamu. Enjazi entonotono ne ziyiringita wansi, ng'enfuufu efuumuuka mu bbanga. Era ne ntunula, era mu maaso gange nga wayimiriddewo ba Malayika musanvu; mu ngeri yennyini nga bwe kyaali. Ne mpulira nga nninga ayimiridde waggulu okuva ku ttaka. Okusooka, ne ndowooza oba waliwo omuntu ankubye essasi, omanyi, n'eyo ekuufiira enzirugavu gye nnali nnyambadde; nga ntunulanga embizzi y'omunsiko, mu ngeri eyo, omanyi nzirugavu. Ne ndowooza nti oba waliwo ankubye essasi, ng'ali kumpi nnyo. Era awo ne ndaba kiki kye kyali. Kale, mbagirawo...ne nfuna omulimu gwange, mu kyawandiikibwa, "Envumbo Omusanvu nga by'ebyama omusanvu." Mulaba?

28 Omuntu omu yaŋŋamba nti, "Kaakati..." Oh, yagamba nti, "Kale, kaakati, olunaku lumu oba oli awo Mukama (ggwe okulaba okwolesebwa, ow'Oluganda Branham) ajja kukubikkulira ebintu bino kye bitegeeza, fenna tusobola okusemberera Katonda era ne tubeera n'amaanyi n'okusinga ge tufuna mu kwogera ennimi era n'ebiringa ebyo."

Ne ŋŋamba nti, "Tekisoboka kubeera bwe kityo."

Kubanga, mulabe, nzikiriza Ekigambo okubeera nga ge Mazima. Ne Baibuli yagamba nti, "Buli yenna anaagattako ekigambo oba okukitoolako Ekigambo kimu." Kirina kubeera mu Kigambo kino. Mulaba? By'ebyama abantu bye babuusizza amaaso, kubanga munda mu kyo kyennyini mwe muva Obubaka Obw'ensigo y'Omusota era n'Enzikiriza ey'amazima ey'obukuumi bw'omukkiriza.

29 Nze siri mukuyisaamu maaso baganda bange abapulesibataliya, era n'abamu ku mmwe baganda bange ababaputisiti mu ngeri gye mulinamu obukakafu. Sigamba nti kino kyanjawulo, naye temwakitegeera bulungi. Mulaba? Ekyo kituufu. Mulaba? Wabula, nange nnalina kikyamu. Naye Malayika bw'ayimirira okuva mu Ggulu era n'akugamba, nga kiri wano kirambulukufu mu Kyawandiikibwa, ekyo kituufu. Mulaba? Ekyo kituufu. Mulaba, Ye bulijjo ayogera kituufu ddala wamu n'Ebyawandiikibwa.

30 Munda omwo nnakitunuulira okutuusa enkulungo eyo bwe yagenda waggulu, n'etandika okukuunta ng'edda waggulu, era n'efuukamu nga ekitangala ekitali kya bulijjo, ng'olufu. Mu ngeri yennyini...bameka abaalaba ekifaananyi kyakyo ekyakubibwa mu Houston? Kyenkana mwenna. Mulaba? Kale, eyo y'engeri y'emu na kino bwe kyali. Kyafuukamu ekintu kye kimu. Kyasigala kigendera ddala waggulu nga bwe kyeyongerayo.

Nnali nzirukira ddala, nga ngezaako okuzuula ow'Oluganda Fred era n'abalala. Nga wayiseewo ebbanga, ng'oluvannyuma lw'ekitundu ky'essaawa, nnasobola okumulaba ng'ali wala nnyo, ng'awuuba emikono gye; era n'Ow'oluganda Gene ng'ajja, baakimanya nti waaliwo ekyali kituseewo. Bwe ntyo era ne nkwatagana nabo. Oyo ye Ow'oluganda Fred atudde awo.

31 Bwe kyali kyambuka waggulu, saakimanya nti okwekkeneenyezebwa kwakyo n'ebirala kwatuukira ddala mu Mexico baali bakuba ebifaananyi ebyo. Akatabo k'amawulire aka Life magazine kaakikuba bwe kyali kyambuka waggulu. Era n'abalala bangi ku mmwe...Waawano Life magazine ng'eraga ekifaananyi kyakyo. Ekintu ekitategeerekeka wano, era baagamba nti tebamanyi wa gye kyava; kyali waggulu nnyo. Kyali waggulu wa buli mbeera ya mu bbanga era n'ebirala byonna...kyali nnyo waggulu w'olufu gye lutabeera, kubanga kyali mayiro asatu mu buwanvu ate era mayiro abiri mu musanvu obugazi oluvannyuma lwakyo okutuuka eyo waggulu ennyo. Eyo ewatali na luzzizzi olw'omu bbanga oba ekintu kyonna waggulu eyo, mukiraba.

32 Era ne balowooza ku nnyonyi; bwe batyo awo ne bakebera ebifo byonna, tewaaliyo nnyonyi waggulu ku lunaku olwo. Mulaba, baalina, kubanga waliwo okunyenya amadirisa n'ebirala. "Nga tewaliiyo nnyonyi waggulu eyo." kiikino wano butereevu mu katabo k'amawulire, kajja kukugamba ekintu kye kimu. Era ne kigenda nga bwe kyeyongerayo. Era olwa leero wano mu...

Kiikino wano mu katabo k'amawulire aka Ssaayaansi, awo, we batasobolera kukitegeera. Tebamanyi kiki kye kiri.

Tucson ku Ssettendekero, mukwano gwange yagendayo ku lunaku luli era yali ayogera nabo ku bikikwatako. Ne bagamba nti, "Tetusobola kutegeera ki...

Ne ŋŋamba nti, "Tobeerako ky'oyogera, tekijja ku bayamba. 'Tokasuka bya muwendo byo mu maaso gambizzi.'" Mulaba? Ekyo kya kkanisa, eri abo abalonde, abaayitibwayo. Mulaba?

33 Era awo buli omu yali ajja, ng'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ndaba ekifaananyi kyo wano. Ndaba kino. Nze..." Mumanyi engeri gye kirimu. Wabula ekyo-ekyo olwo olukoloboze oluwanvu nga ono ow'oluganda bw'akirina wano weki...munsonyiwemu katono. [ow'oluganda Branham akwata ekifaananyi - Muk.] Wano y'engeri gye kyatandikamu, nga kyambuka waggulu. Mu mazima kino kyali ku ludda olw'omukono ogwa ddyo. Era mwenna mujjukira nnagamba nti, "Malayika ow'enjawulo y'oyo eyayogera nange, yali ku ludda olw'omukono gwa ddyo," ne bwe kyali tekinnaba kubeerawo. Mukijjukira? Ebiwaawaatiro bye byali bisonze mabega bwe bityo. Ebiwaawaatiro by'Amalayika oyo bwe bityo bwe byali ng'ayambuka waggulu. Mulaba, nga bwe yaali...N'olwekyo baatandika okukuba ebifaananyi kubanga kyali kyewuunyisa nnyo. Wabula ekifaananyi ekisembayo, bwe kyekola mu bbanga era n'ebirala, bwe kiti akatabo k'amawulire aka Look bwe kaakifulumya. Mulaba bwe kigenda waggulu nga baakatandika okukiraba, mukiraba. Kaakati awo ne wavaayo e-ekifaananyi ekyadala ekikulu era ekisembayo, bwe kye kolamu ekintu.

34 Tebamanyi wa gye kyava oba wa gye kyagenda, tebannaba kukitegeera. Ssaayansi akyatabuddwa nnyo ku kintu ekyo, tebamanyi kyatuukawo. Naye ffe tumanyi; "Wajja kubeerawo obubonero mu ggulu waggulu." Tukimanyi. Mulaba? Era yasuubiza ebintu bino. Mulaba? Era ekintu kyokka nti kino kyakkirizibwa okukwatibwa...

Kaakati, nkimanyi nti tuli bantu ba mu kitundu wano amakya ga leero. Singa mbeerako mu ngeri yonna gye nkolamu ekintu ab'oluganda oba bannyinaffe nga ninga eyeeraga nti mmanyi byonna, bambi munsonyiwe. Sikitegeeza kubeera ekyo. Ndi mukakamu...nga ndi wano amakya ga leero nga njogerera mu maaso g'abasajja abayivu, abasajja abagezi; nze siri muyivu, sisobola na kwatula Byawandiikibwa byange bulungi. Nnina essuula ey'okusoma amakya ga leero, nze...mbadde ŋŋenda kubeerako omu ku b'oluganda gwe nsaba wano aginsomere, kubanga sisobola na kwatula manyna gagirimu, ebyomumirembe ekisooka 13, (bw'oba osobola, ow'oluganda Jack, ogira okinoonya), ku ky'okuyigako kyange. Nze-nze sisobola na kwatula mannya ago, ŋŋenda kumuleka akikole, kubanga ye asobola okugaatula.

Era mmanyi nti njogera n'abasajja abagezi. Naye, ab'oluganda, ebintu bino bikolebwa nti musobole obutatunuulira butasoma bwange, naye mukkirize nti bye mbabuulira ge Mazima. Katonda y'Ababuulira Amazima. Ago ge Mazima. Mulaba?

35 Kaakati, era bwe njogera ku bibiina by'amadiini, sitegeeza nti mmwe mubeere bakambwe nnyo...Nedda sitegeeza nti muleme kugenda mu makanisa gammwe. Genda mu kkanisa yo, ekyo ky'olina okukola. Wabula teweegatta wamu n'ebyo ebibiina, kubanga olunaku lumu nja kubabuulira era mbakakase okuyita mu Kyawandiikibwa nti, ako ke kabonero k'ensolo. Era mukijjukire nti, ke kabonero.

36 Ndi mukubuulira...Ssaandikibuulidde mu kkanisa y'ow'oluganda Jack, yandiŋŋambye nti, "Genda mu maaso okikole"; naye ŋŋenda mu kkuŋŋaaniro, kijja kutwala obudde nga bwa ssaawa nnya. Era eky'okuyigako kyange kiri, "Ensolo ku lubereberye era ne ku nkomerero, okuyita mu mukululo gw'omusota." Mulaba? Kitwala essaawa nga nnya. Nnina Ebyawandiikibwa byange byona wano. Ensolo okuva ku lubereberye, ye yali ensolo mu lusuku Adeni, y'ensolo ku nkomerero, era eraga nti muntu munnaddiini era kibiina kya ddiini (ye yakola ekibiina ky'eddiini); era ne kijjira mu mukululo gw'akyo, era nsobola okukibakakakasa okuyita mu Byawandiikibwa nti ky'ekyo. Nnali sikimanyi ekyo okutuusa Omwoyo Omutukuvu bwe Yakimpa olunaku luli waggulu eyo.

37 Kaakati, mu kino, lumu nnali ndi mukulaba kino, nga nnyimiridde, ekintu ekimu ne kiŋŋamba nti...nga nkitunuulidde, era ne ndowooza... ow'oluganda Hickerson, omu ku bawanika bange eb'eby'obugagga by'ekkanisa...oba abadiikoni ku kkanisa e Jeffersonville...Bwemba sikkiririza mu kugenda ku kkanisa, lwaki nnina ekkanisa? Twazirina okwetooloola ekibuga kyonna, twakuŋŋaana ekiro kiri, buli kitundu kya mayiro bibiri kyalimu emu ku kkanisa zange.

Kaakati, kino-kino ekifaananyi, nnali nnyimiridde, nga nkitunuulidde, era ekintu ekimu...nnali nnyimiridde mu kisenge kyange. Ekintu ekimu ne kiŋŋamba nti, "Kikyuse bulungi." Ne mpuliriza.

Nkimanyi nti ekyo kiwulikika nga omuntu agudde eddalu, naye, mulaba, nga bwe nnagambye ekiro kiri, bino byonna ebintu eby'amaanyi bya buyigirize nnyo...Kaakati, sikontana n'ekyo. Mujjukire, tulina okutwala abaana bammwe ku ssomero era bafune ebuyigirize era n'ebirala, naye nja kubabuulira kaakati, tekijja kubayamba yadde mu nsi egenda okujja, kubanga bujja kubeera bugunjufu bulala, nga bwawaggulu nnyo okusukkuluma buno. Obugunjufu obwo tebujja na kubeera na...tebujja kubeeramu

n'amasomero gonna, temujja kubeeramu kufa kwonna, temujja kubeeramu kibi kyonna. Mu buno ebyo byonna mwebiri; sinsonga tufunye obugunjufu obwenkana wa, okufa okungi buli kiseera kubeera kweyongera. Mulaba? Buli tebujja kubaamu kufa. Naye kaakati tulina okubeera n'amasomero, tulina okwambala engoye, tu...

38 Nnabadde amakya ga leero ŋŋenda kwogera ku Adeni ya Setaani (bangi ku mmwe mulina akatambi kaayo), Adeni ya Setaani. Akoze olusuku lwa Adeni olulala, era kimutwalidde emyaka kakaaga okulukola, nga Katonda bwe yakola Eyiye ku lubereberye. Katonda yakola Adeni Ye, era ne Setaani nagyonoona. Kakaati ne Setaani yakola Adeni eyiye, era Katonda agenda kugisanyawo (ekyo kituufu) era ateekemu Ababe Ye.

Ekintu ekimu kyaŋŋambye nti, "Kikyuse ku bulungi."

Ne ndowooza nti, "Ndowooza nkitunuulidde bulungi."

Nnagamba nti, "Kikyuse bulungi." Mulaba?

Ne ndowooza nti, "oba oli awo Eddoboozi eryo litegeeza nti kikyuse ku ddyo." Era bwe nnakikola, olaba kye kiri: Omutwe gwa Kristo nga wa myaka asatu mu esatu ogwa Hofmann, Wano, mutunule wano, mulaba ekirevu Kye ekiddugavu, obwenyi Bwe, amaaso Ge, ennyindo Ye, era n'ebirala byonna. Mulaba ekitundu wano mu nviiri Ze wano nga kivaayo. Era ataddeko ki wiigi ekyo ekya Malayika enjeru okulaga nti Obubaka Bwe obw'okubeera Katonda ge Mazima. Ye Mulamuzi ow'oku ntiko ow'ensi, Omulamuzi w'oku ntiko ow'Eggulu n'ensi. Ye Katonda, era tewali kirala okuggyako nti Katonda. Ye Katonda nga alabisiddwa mu kifaananyi ky'omuntu ayitibwa Omwana wa Katonda, nga Omwana ye yali Omuntu. Era ekyo bwe kiba nga tekifuula Bubaka bwaffe butuufu: nga ky'oleseddwa Ekyawandiikibwa, ky'oleseddwa mu buweereza, ky'oleseddwa mu kubeerawo Kwe, omu jjo, leero, era n'emirembe gyonna. N'olwekyo ezo Envumbo Omusanvu ge Mazima, ab'oluganda. Oyinza obutakkaanya nazo, naye tuula butuuzi ozisome n'omutima gwo omuggule omulundi gumu, leka bulesi Omwoyo Omutukuvu akuluŋŋamye okuva...

39 Wano, ow'oluganda Jack... nnamukubidde nga sinnabuulira kino era ne njogera naye omulundi gumu ku "Wiigi eyo enjeru kiki kye yali?"

Yagamba nti, "Kale, ow'Oluganda Branham, nkirangirira okubeera nti kyali mu...oluvannyuma lw'okuzuukira Kwe mu mubiri gwe ogw'ekitiibwa." Nnali njogera n'ow'Oluganda Jack. Era waaliwo...simanyiyo muntu yenna mu nsi gwe nkyansobola okwesigamako yadde omulundi ogumu ku njigiriza zaabwe ku magezi g'eddiini era n'ebiringa ebyo nga bwe njagala ow'Oluganda Jack Moore n'ow'Oluganda Vayle, era n'abasajja nga-ng'abo, abakugu abannamaddala mu magezi g'eddiini abaasoma ebika by'ebitabo byonna ebyenjawulo okuva na mu buli nsonda ez'enjawulo n'ebintu byonna. Kale, naye, mulaba, era wadde n'ebyo, ne mukwano gwange ow'okulusegere, ssaasobola ku bikkiriza, waaliwo ekintu mu nze ekyali tekisobola ku bitwala.

40 Era awo kino bwe kyajja, olwo ne nkiraba kiki kye kyali. Kiikino wano ekirevu Kye ekiddugavu. Mukiraba, nteebereza. Mulaba? Ekirevu Kye ekiddugavu era n'enviiri enzirugavu, amaaso Ge, ennyindo, buli kimu, bituukiridde bulungi, era n'ekitundu mu nviiri Ze nga zijja ku ludda luno. Ye Katonda! mulaba? Era y'Omu jjo, leero, era n'emirembe gyonna. Era kano ke katabo k'amawulire aka Look Magazine...oba Life Magazine. Ndowooza kino kye...kaakati nneerabidde kaali ka nnaku zamwezi ki; oh, mu mwezi ogw'okutaano nga kkumi na musanvu, 1963. Awo wekaafulumira, bwe wabanga waliwo omuntu yenna ayagala akatabo kano. Kye kifaananyi kye kimu ekiriko Rockefeller era ne-ne mukyala we ku ddiba lyako. Era kano ke katabo ka Ssaayansi akapya akagamba nti, "kikyali kyama."

41 Lwaki njogedde ebintu bino? Nti kisobole okubawaayo okutegeera okutono okw'ebintu bye tugezaako okwogera, nti Katonda yeeyolekera mu ggulu era ne mu nsi okubeera omutuufu. Okwawula emyoyo, okwolesebwa, bulijjo, tulina okugeegeenya kungi. Naye jjukira, nga tewannaba kubeerawo ddoola ya kikwangala, walina okusooka okubeerawo ddoola entuufu; wasooka kubeerawo ddoola ntuufu, kaakati awo kiri kikolebwa okuva mu ekyo. Mu ngeri yeemu nga bwe twalina Musa omutuufu era ne Arooni omutuufu, awo nno ne tubeera ne Yane ne Yambere oluvannyuma lwabwe. Mulaba engeri kyonna gye kijjamu? Bakiraba olwo ne bagezaako okukigeegeenya, ng'ate mu mazima waliwo kinnakabala kimu. Ekyo kituufu. Sikyogera ekyo kulumya oba kuyisaamu maaso, oba kubeerako kye nsengeka obubi, naye ku lw'Amazima gokka; okumanya nti nze...

42 Ntandise okufuuka nnamukadde, era nkimanyi nti ekiseera kyange tekikyali kiwanvu nnyo. Singa Yesu alwawo, nnyinza...okulwawo ko; naye nkimanyi nti omutima guno olunaku lumu gujja kukuba omulundi ogusembayo, era nnyingire mu kasenge akanene akekizikiza awo akayitibwa kufa. Naye ekyo bwe kijja, ssaagala kubeera na kintu kyonna kintunuza mabega, okugeezako okwenenya ku lwakyo. Njagala, bwe nnatuuka mu kiseera ekyo, okubeera nga ntukula ate era nga ndi mulongoofu olw'ekisa kya Katonda. njagala nneezinge mu minagiro egy'Obutuukirivu Bwe, bwe nnaayingirayo eyo, na kino ekintu kimu mu birowoozo byange: Mumanyi Ye mu maanyi g'okuzuukira Kwe; era bw'Ampita, nja kuvaayo mu bafu era mbeere wamu Naye emirembe gyonna. Era kigendererwa kyange wano okugezaako okuleetera buli

muntu...si kukyusa ntegeera yammwe ey'eddiini oba kyonna, naye okwongera okukkiriza kwammwe mu kisuubizo kya Katonda eky'olwa leero.

Kaakati leka tusabe:

43 Ow'omukwano Katonda, tuli bantu abasanyufu amakya ga leero, naye ate, Mukama, tubeera mu nsi ey'ekizikiza nti...tewaliiwo muntu yenna wano amakya ga leero, Kitaffe, naye oyo awulira nti tu-twagala okutambulira okumpi Naawe, twagala okwo-okwo okukwatibwako Kwo mu bulamu bwaffe okusobola okutugonza era kutufuule abagonda awo nno Osobole okutukyusa ekiseera kyonna, tubumbe tufuuke abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. ekyo ky'ekigendererwa kyaffe wano, Kitange ekyo ky'ekiruubirirwa kyange kyokka kyennina okugezaako-okubeera mu maaso go era nfune Ekigambo Kyo era nziremu nkyogere eri abasajja n'abakazi...si kubeera muntu wanjawulo naye okugezaako okumussaamu ekitiibwa Oyo ampadde Obulamu. Kituwe, Mukama.

44 Leka waleme okubeerawo omuntu wano olwa leero...oba singa... Oba-oba singa...tuzze okusisinkana amakya ga leero, okuva mu ggwanga nate. Leka eyo waleme okubeerawo omuntu awuliriza eddoboozi lyaffe lino aligenda mu kasenge ako ak'amaanyi nga takumanyi Ggwe mu maanyi ag'okuzuukira Kwo. Bwe wabeerawo aboonoonyi awantu awamu okwetooloola eggwanga, oba mu kizimbe kino, ekizimbe kino eky'amaanyi, nga batudde wano amakya ga leero. Bwe wabeera nga waliwo abo abatakumanyi, leka luno lubeere olunaku enneewulira yaabwe eri ekituufu n'ekikyamu lw'egenda okunyenyezebwa, bazuukuke, era bajja kutegeera nti tebamanyi ddakiika ki we tuyinza kuyitibwa oba kukowoolebwa okwanukula ku lw'obulamu bwaffe, Waggulu eyo. Era oba nga erinnya lyaffe likyali mu bitabo by'ekkanisa, tujja kuba tuzikiridde; naye bwe libeera mu Kitabo ky'omwana gw'Endiga eky'Obulamu, awo nga tulokoleddwa.

Era leka, Mukama ng'obulamu obwo bwe butambula okuva mu kikoola okutuuka mu mpumbu ey'ekimuli, ne bugenda mu kisusunku, olwo okutuuka mu nsigo, nga tuyita mu makya ga leero, bwe wabeera nga waliwo Obulamu bwonna obugenda mu nsigo nga bukyali eyo mu kikolo ekyo, bugyeyo bufulume wabweru olwa leero, Mukama, leka bugoberere okutambula kw'ensigo, tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

45 Munsonyiwe okutwala obudde obungi. Nnabadde kino nkyerabidde nti ndi ku budde bwa leediyo wabweru eyo, n'obudde bw'essimu.

Kaakati leka tubikkule we tugenda okusoma. Era ow'oluganda Jack, olina Baibuli yo awo? Nga nange bwe nnoonya Ekyawandiikibwa kyange, ŋŋenda kusaba ow'oluganda Jack okusoma Ekyawandiikibwa kino kubanga sisobola kwatula mannya gano. Kale. Kiri mu byomumirembe ekisooka 13. [ow'oluganda Jack Moore n'agamba nti, “Essuula yonna?” -Muk.] Uh-huh. [ow'oluganda Jack Moore asoma ebyomumirembe ekisooka 13:1-14 -Omuk.]

*[Awo Dawudi n'ateesa n'abaami b'enkumi n'ab'ebikumi, buli mukulu.]*

*[Dawudi n'agamba ekkuŋŋaaniro lyonna erya Isiraeri nti Oba nga musiima bwe mutyo, era oba nga kivudde eri Mukama Katonda waffe, tutume wonna wonna eri baganda baffe abasigaddewo mu nsi yonna eya Isiraeri, bakabona n'Abaleevi be bali nabo mu bibuga byabwe, ebiriko ebyalo, bakuŋŋaanire gye tuli;]*

*[Era leka tukomyewo gye tuli essanduuko ya Katonda waffe: kubanga tetwagyebuuzangako kigambo mu mirembe gya Sawulo.]*

*[Ekkuŋŋaaniro lyonna ne boogera nga banaakola bwe batyo: kubanga ekigambo kyali kirungi mu maaso g'abantu bonna.]*

*[Awo Dawudi n'akuŋŋaanya Isiraeri yenna, okuva ku Sikoli akagga ak'e Misiri okutuuka awayingirirwa e Kamasi, okuleeta essanduuko ya Katonda nga bagiggya e Kiriyasuyalimu.]*

*[Dawudi n'ayambuka ne Isiraeri yenna e Baala, ye Kiriyasuyalimu, ekya Yuda, okukimayo essanduuko ya Katonda, Mukama atuula ku bakerubi, ayitibwa Erinnya lye nnyini.]*

*[Ne basitulira essanduuko ya Katonda ku ggaali eriggya, ne bagiggya mu nnyumba ya Abinadaabu; Uzza ne Akiyo ne bagoba eggaali.]*

*[Dawudi ne Isiraeri yenna ne bazannyira mu maaso ga Katonda n'amaanyi gaabwe gonna; nga bayimba era nga bakuba ennanga n'entongooli, n'ebitaasa n'ebisaala, n'amakondeere.]*

*[Awo bwe baatuuka ku gguuliro lya Kidoni, Uzza n'agolola omukono gwe okukwata essanduuko; kubanga ente zeesitadde.]*

*[Obusungu bwa Mukama ne bubuubuukira Uzza, n'amutta, kubanga yagolola omukono gwe ku ssanduuko: n'afiira eyo mu maaso ga Katonda.]*

*[Dawudi n'anyiiga kubanga Mukama ng'awamatukidde Uzza: n'ayita ekifo ekyo Perezuzza, ne leero.]*

*[Dawudi n'atya Katonda ku lunaku olwo, ng'ayogera nti Naakomyawo ntya essanduuko ya Katonda eka ewange? Awo Dawudi n'ataleeta ssanduuko okugireeta gy'ali mu kibuga kya Dawudi, naye n'agikyamya mu nnyumba ya Obededomu Omugitti.]*

*Essanduuko ya Katonda n'emala emyezi esatu ng'eri n'aba Obededomu mu nnyumba ye: Mukama n'awa omukisa ennyumba ya Obededomu ne byonna bye yalina.]*

46 Weebale, ow'oluganda Moore, olw'okunsomera Ekyawandiikibwa. Kaakati, munsonyiwe ekyo sisobodde ku kyesomera, naye mbadde sisobola kukikola.

Kaakati njagala mugende nange mu Makko 7:7, era tujja kusoma ennyiriri omusanvu ezisooka ez'Omutukuvu Makko essuula 7.

*Ne bakuŋŋaanira w'ali Abafalisaayo n'abawandiisi abamu, abaava e Yerusaalemi.*

*Era abaalaba abayigirizwa be abamu nga balya emmere yaabwe n'engalo embi, ze zitanaabiddwa.*

*Kubanga Abafalisaayo, n'Abayudaaya bonna, bwe batanaaba nnyo mu ngalo zaabwe, tebalya, kubanga bakwata obulombolombo obw'abakadde;*

*Era bwe bava mu katale, bwe batanaaba, tebalya: era waliwo n'ebirala bingi ye baaweebwa okukwata, okunaazanga ebikompe, n'ebibya, n'entamu ez'ebikomo.*

*Abafalisaayo n'abawandiisi ne bamubuuza nti Kiki abayigirizwa bo ekibalobera okutambulira mu bulombolombo obw'abakadde, naye bamala galya emmere n'engalo embi?*

*N'abagamba nti Isaaya yalagula bulungi ku mmwe bannanfuusi, nga bwe kyawandiibwa nti Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa, Naye emitima gyabwe gindi wala.*

*Naye bansinziza bwereere, Nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata.*

Leka tusabe.

47 Ow'omukwano Katonda, kaakati ssaamu Ekigambo Kyo ekitiibwa, era leka kituukirize ekyo kye kigendereddwa okukola. Tukozese nga ekikozesebwa okukyogera, era n'amatu gaffe gakiwulire okuva gy'Oli, era n'emitima gyaffe gikikkirize. Tusabye mu Linnya lya Yesu, ku lw'ekitiibwa kya Katonda. Amiina.

48 Kaakati, eky'okuyigako kyange mu kiseera ekitono kye kino...nze...

Tuyungiddwa ku mukutu gw'amasimu ogw'eggwanga amakya ga leero. Era nkitegeera nti mukwano gwange omulungi, Roy Borders, awuliriza, yakooye nnyo ku lw'ekiro kya jjo. Mbadde nneerabidde nti tuli ku Leediyo...oba okuyungibwa kuno okw'ekiro kya jjo. Roy, yonna gy'oli, bw'oba oli eyo mu San Jose mu kkanisa eyo, oba wammanga eyo mu kkanisa y'ow'oluganda McHughes, oba yonna gy'oli, totya, muganda wange, buli kimu kijja kubeera bulungi. Tuula okkalire, mala ga...Ajja kukintegeeza, Roy; teweeraliikirira, mutabani, beera n'okukkiriza mu Katonda.

49 Eky'okuyigako kyange amakya ga leero kiri: *Okugezaako okuweereza Katonda nga si kwagala Kwe.* Kaakati, ekyo kyakuyigako kyanjawulo, era nzikiriza nti Mukama ajja kukitubikkulira kino. Mujjukire, "Okugezaako okuwereeza Katonda nga si kwagala Kwe." Kaakati, ekyo kiwulikikanga ekitali kyabulijjo. Naye, mu kino, oba oli awo Katonda asobola okutuyamba.

50 Ekintu ekirala kye njagala okwogera amakya ga leero, nti tuli basanyufu okubeera ne mukwano gwange mu masekkati gaffe, mukwano gwange omwagalwa ennyo, munnange omuto. Bangi ku mmwe abali ku Leediyo kaakati musobola...oba abali ku masimu, mumumanyi yani ono. Olwa leero mazaalibwa ge, emyaka kyenda mu esatu egy'obukulu, ow'oluganda Billy Dauch atudde wano mu maaso gange, emyaka kyenda mu esatu.

Emyaka mingi egiyise omusawo yagamba nti, "Tasobola kubeera mulamu." Nnaakamwetegereza kaakati nti atudde wano. Yali wansi w'ebimuyambako okussa omukka, era mukyala we omwagalwa n'ampita era n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, bw'oba nga osuubira okulaba mukwano gwo omukadde, Bill, nga mulamu, wandijjiddewo kaakati."

51 Era nnze...ogumu ku mupiira gwange gwali guyuliseeko ku ludda, ne nnamuziga yange yali evuddeyo munda nga eri wabweru, era nnayabya omupiira gw'emmotoka yange nga ngezaako okumutuukaako. Nnali nnaakava ku ssundiro ly'amafuta, era nga nva mu kisulo we nnali nnyimiriddeko mu Ohio nga ngezaako okutuuka gy'ali, era bwe nnali nfuluma wabweru ne ndaba okwolesebwa. Nga ow'oluganda Dauch ayimiridde awo, nga ayimiridde mu kkanisa n'emikono gye wabweru; ne kikyuka, era ne nkulaba ng'oserengeta ku luguudo era n'onkwata mu ngalo zange n'ozinyenya. Yagamba nti, "Genda omugambe nti, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA."

Mu kiseera ekyo yali wa myaka nga kyenda. Yali alina obulwadde bw'omutima wamu n'okwesibamu kw'omutima, n'okulemererwa ddala okw'omutima ggwe. Omusawo omugezi ennyo. Omusajja tali...tayagala...Nedda, ekyo sijja kukyogera. Oyo ye musajja asobola... okufuna omusawo yenna gw'ayinza okwagala. Yalina omusawo Omuyudaaya omulungi ennyo eyansisinkana mu kizimbe n'angamba nti, "Tewaliiwo mukisa ye okubeera omulamu."

Era ne ŋŋenda munda ne mpisa omukono gwange wansi w'ekimuyambako okussa omukka ogwa Oxygen, ne ŋŋamba nti, "Bill, osobola okumpulira?"N'anyenya omutwe ggwe. Ne ŋŋamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'Togenda kufa kaakati."

52 Wiiki emu okuva ku olwo, bwe nnatuuka ku kituuti okubuulira Obubaka bwange, nga ow'Oluganda Dauch ajja atambula okuyita mu kizimbe. Era bwe nnagenda mu mu kifo ku wooteeri ya Furr awaliirwa emmere, ebusukka...ntegeeza eya Blue Boar, eyo ebusukka mu Louisville, wano ng'afuluma mu mmotoka, ng'aserengeta wammanga ku luguudo, ng'atadde omukono gwe wabweru; ddala ddala nga okusinziira ku Kigambo kya Mukama. Era giri nga emyaka esatu oba ena egiyise; era wuuno atudde wano okuva eyo yona, mu Shreveport (ayita wakati mu ggwanga, si na nnyonyi kaakati, na mmotoka) Uh-huh, atudde wano amakya ga leero. "Amazaalibwa ag'essanyu, ow'oluganda Dauch." Ekyo kiri okuva okwetooloola eggwanga lyonna, okuva buli wamu. "Katonda akuwe omukisa!"

53 Nnamubatiza, oluvannyuma lw'okubeera akkiririza mu busatu, nnamubatiza ye bwe...mu zimu ku zaali enkuŋŋaana zange ezasooka, ow'oluganda Banks Wood ye yamuwa engoye ze (musajja munene bulungi mu kigera, nga bwe mumulaba), era n'agenda mu kidiba ne mmubatiza nga wa myaka nga kinaana mu etaano oba kyenda egy'obukulu, mu Linnya lya Mukama Yesu. Yagamba nti yali tasobola kuwulira bulungi okutuusa bwe yazuula obukakafu obw'ekintu ekimu. Kaakati awo n'afuna olunaku lw'amazaalibwa eyo gy'atalikaddiyira. Ekyo kituufu, Ensi eyo ey'amaanyi. Asuubira nti ajja na kubeerawo okulaba Okujja kwa Mukama; kisobola okukolebwa. Naye singa aneebaka, nga ffe tutunula mu kiseera ekyo, yajja okusooka okuvaayo. Kituufu. N'olwekyo ow'oluganda Dauch, tewaliiwo ngeri ya kukisubwa. Oli mu lunyiriri mwennyini. Sigala awo, muganda wange, era Katonda akuwe omukisa. Era nneebaza Mukama olw'omusajja omulungi bw'atyo, era ne kulw'okumuwa emyaka gino gyonna.

54 Mu Kitabo ky'ebyomumirembe, *"Okugezaako okuweereza Katonda nga si kwagala Kwe."* Katonda musukkulumu, okusooka, twetaaga okukitegeera ekyo. Abantu olwa leero beewuunya lwaki tetusobola kubeera na kudda buggya. Mukikkiriza nti Katonda musukkulumu? Mulaba, Baibuli eyogera mu ngeri eno.

Era tugezaako...Nga bwe nnabadde njogera n'ekibinja ky'ab'oluganda abalungi, ab'oluganda aba Baputisiti, si bbanga ddene eriyise, era ne bagamba nti, "Ow'oluganda Branham, wokka we tusobola okufunira okudda obuggya nga tumaze kutwala Kigambo, kigambo ku kigambo, muko gwa lupapula ku muko, nnukuta ku nnukuta."

Era ne ŋŋamba nti, "Nange nzikiriza, muko gwa lupapula ku muko." N'agamba nti...ne ŋŋamba nti, "Ekyo bulijjo babadde bagezaako okukikola."

Yagamba nti, "Naye tuteekeddwa okuzuula enzivuunula ey'Ekiyonaani ey'Ekigambo, kiki Abayonaani kye bagamba."

Ne ŋŋamba nti, "Sisomye nnyo, okuggyako okusoma ebyafaayo by'ekkanisa, *n'akakiiko ka Nikyeya*, era n'ebyabeerawo nga *akakiiko ka Nikyeya* tekannaba kubeerawo, ne ba *faaza ba Nikyeya*, era n'ebirala, baali awo nga bakaayana ku by'Abayonaani. Egyo gye myaka enkumi bbiri egiyise. Omu n'agamba nti, 'Kitegeeza *kino*,' ate omulala n'agamba nti, '*Kitegeeza ekyo*. Ekigambo eky'Oluyonaani

55 Nga olulimi lwaffe, ekigambo *laba*. Kozesa ekigambo *laba* osobola okutegeeza "awantu awabeera amazzi," Nkitegeera,‟ oba ebintu ebingi. Ekigambo (Bored) kiyinza okubeera, ″Okusima ekinnya ky'amazzi, okutambula,‟ oba-oba ″Omboye,‟ oba onsasulidde aw'okusula," oba kiyinza okutegeeza kyonna...ebintu bingi. Era ezo ennukuta enjatuza, n'ebirala bikyusa bukyusa amakulu gonna. N'olwekyo tolikikola bw'otyo. Katonda yakikola bw'atyo, kubanga...

Era Ekigambo kyonna kya luŋŋamizibwa, era Yagamba nti, "Nkwebaza Kitange, kubanga wakisa ebigambo bino ab'amagezi n'abakabakaba, era ojja kubibikkula" (amiina) "eri abaana abato okubiyiga." Kubikkulirwa okukwe Ye, nga bwe nnagambye akawungeezi nti, "Ajja kubibikkulira abaana abato."

Nnagamba nti, "Tekijja kukola, ssebo." Ne ŋŋamba nti, "Okudda obuggya tekulijja okutuusa nga Katonda, Katonda omusukkulumu, ng'Akusindise; era awo Ayinza okutwala omusirusiru atasobola na kuwandiika linnya lye, n'akikola naye, oyo atamanyi na Luzungu lulungi vva ku Luyonaani."

56 Ekyo kye Yakola mu biseera Peetero bwe yabuulira ku lunaku lwa Pentekooti, omanyi, yali tasobola yadde n'okuwandiika erinnya lye, nga talina ky'amanyi ng'ate teyasoma. Naye Katonda akola ebintu mu ngeri eyeewuunyisa eri okulowooza kw'amagezi gaffe. Ekyo kye kimufuula Katonda. Singa yali afunye ekibinja ky'abakugu mu magezi g'eddiini n'ab'ebitiibwa, era n'ebirala, bandigambye nti, "Kayaafa oyo omugezi, mulaba, yakikola bulungi nnyo." Naye Katonda yagenda wansi eyo n'afunayo abavubi abaali

tebasobola yadde kuwandiika mannya gaabwe, era abo be Yatwala. Oyo ye Katonda, atwala ekintu ekitalina kye kiri era n'abeerako ky'akiggyamu ku lw'ekitiibwa Kye Ye. Yakwata okwetabulatabulwa era n'akuggyamu olusuku lwa Aden. Uh-huh, Ye Katonda.

57 Kaakati, bwe waba nga waliyo omuntu yenna alina enkola yonna ey'okudda obuggya, ye muganda waffe ow'ekitiibwa, Billy Graham. Naye enkola terina buzibu, naye enkola tejja kukitambuza, kitwala maanyi okukitambuza. Osobola okuzimba emmotoka, n'ogiteekamu entebe ennungi, n'oteekamu ebyuma ebitambuza amafuta mu yingini era-era n'okakasa okusinziira ku Ssaayansi kiki kye kisobola okukola, naye okuggyako nga mulimu amaanyi, kibeera kintu kifu.

N'olwekyo, mu kudda obuggya kwo mu Wales, okumu ku kudda obuggya kwaffe okwasooka okwa ba Pentekoote, tewali muntu n'omu yamanya kyatandiika kudda buggya okwo, kyali bubeezi kibinja ky'abantu.

Kaakati, bwe tuleeta bonna...mikwano gyaffe, Billy Graham, ajja kuleeta wamu abapulesibataliya bonna, n'abaluther, n'abapentekoote, era n'abalala bonna, bagende mu kibuga era eyo bajja kubeera n'olukuŋŋaana olw'amaanyi lwonna wamu olw'enkumi ne nkumi, era emitwalo esatu bajja kujja (mu wiiki bbiri) baweeyo emitima gyabwe eri Kristo; ddayo wiiki endala bbiri era tojja kufunayo yadde n'omu. Mulaba, eyo yenkola. Naye leka Katonda mu kisa Kye ekisukkulumu ayogereko n'omusirusiru omu, kwe kugamba, omuntu omu atalina ky'ali; leka Omwoyo We agwe mu kibuga awo abasajja tebajja kugenda ku mirimu, abakyala tebajja kwoza bintu, omukozi tajja kwala buliri, nga baleekaana era bwe bakaaba n'emikono gyabwe nga giri waggulu mu bbanga. Okwo kwe kudda obuggya, okuli mu kwagala kwa Katonda.

58 Kya gambibwa nti waliwo abasajja abamu ab'ebitiibwa okuva mu kkanisa baagenda eyo mu Wales okubaako kye bategeera, oba okugezaako bategeere nkola ki eyaliwo mu kudda obuggya, okwali mu Wales. Era bwe bava ku mmeeri nga bambadde enkuufira zaabwe empanvu, era n'ebitogi byabwe ebyetooloovu; ne balaba omusirikale eyali aserengeta wamanga ku luguudo, ng'awuuba omuggo ggwe okugwetoolooza nga bw'agwetoolooza bw'atyo, nga bw'afuuwa oluwa; ne bagamba nti, "Ssebo omusajja omulungi, oyinza okutubuulira okudda obuggya okwo mu Wales we kuli?"

Yagamba nti, "Yee, baganda bange, muyimiridde wakati waakwo wennyini!" Uh-huh, uh-huh, uh-huh. N'agamba nti, "Mukitegedde, nze kudda buggya kwo mu Wales," yagamba nti, "kubanga okudda obuggya kwo mu Wales kuli mu nze."

59 Ekyo kisukkulumu! Ekyo Katonda ky'akola, era Ye yekka alina olukusa okuweereza okudda obuggya. Si kukuŋŋanya nkola zonna wamu, kiri nti saba Katonda aweereze amaanyi- amaanyi.

Ye Ekigambo Kye Akibikkulira mu abo bokka abaateekerwateekerwa. Kaakati, bwe nkonzesa ekigambo kuteekerwateekerwa...kaakati, kigambo kibi okukozesa mu lujjudde lw'abantu, naddala nga tulina ebibiina ebitabiketabike wakati wab'Arminiyaani era naba Calvini. Era si...Nnabasabye muleme kulowooza nti nze mmanyi byonna, wabula abo bonna bakyamu okusinziira ku Kyawandiikibwa. Katonda nze yankolera Kisa, nze mmukolera bikolwa Ye. Mulaba? Kati awo mukitegedde.

Singa olinnya ku limu ku ago amatabi, mu mazima ojja kwesaanga waggulu ku nkomerero ye ttabi era nga tosobola kuvaayo. Ekitabo ky'Abaefeeso kikigatta wamu, bwe ndowooza.

Kaakati, naye ekigambo, bwe nkikozesa, okuteekerwateekerwa, temulowooza nti nze ndi...ekyo ky'ekigambo kyokka kye mmanyi engeri y'okukola... Kwe kumanya kwa Katonda okw'edda, mulaba, nti Ye yamanya. Ta-tasobola kugamba nti...Ya-Yafa bonna basobole okulokolebwa, Yakikola, naye okuyita mu kumanya Kwe okw'edda yamanya ani ajja okukkiriza ne ani atajja kukkiriza. Mulaba? Ekyo Ye ky'amanyi, nze sikimanyi era naawe tokimanyi, n'olwekyo twekolera obulokozi bwaffe n'okutya era n'okukankana.

60 Kaakati, naye Katonda Ekigambo Kye akiteeseteese, era bwe kibadde mu mirembe gyonna. Okumanya Kwe okw'edda kumuleetedde okutuula mu kkanisa, era ne mu bantu, ebintu ebimu bye Yakola okuva ku lubereberye. Era n'Enjiri ebuulirwa mu mulembe *ogwo* ebikkulirwa bantu abo bokka, abasigadde abalala tebagiraba. Mulaba? "Nkwebaza, Kitange kubanga Ggwe okisizza ebintu bino eri amaaso g'abaamagezi era n'abakabakaba, era n'obibikulira abaana abo abasobola okuyiga." Mulaba? Ekyo kwe kuteekerwateekerwa. Si nti Yakikola okuyita mu, mugamba nti, "Nze nja kukulonda, ate ne sikulonda." Okuyita mu kumanya Kwe okw'edda, Yamanya ky'ojja okukola.

Engeri Ye gy'Ali ataliiko kkomo...Mukikkiriza nti Ye taliiko kkomo? Bw'Abeera nga tali, Ye tasobola kubeera Katonda. Olwo, ggwe lowooza, okubeera ataliiko kkomo: Yamanya buli nkukunyi ejja okubeera ku nsi, emirundi emeka enkukunyi ezo gye zijja okutemya amaaso gaazo, amasavu genkana wa agajja okubeera mu buli nkukunyi, buli kikoola kya muddo kwe zijja okutuulako; ekyo butabaako kkomo. Era ffe tulina ekkomo. Twesittala mu kizikiza. Katonda yatufaanaanyiriza n'endiga, era tuteekeddwa okubeera n'Omukulembeze. Era Omukulembeze oyo si muntu, Omukulembeze oyo ye Mwoyo Omutukuvu, Omwoyo wa Kristo mu masekkati gaffe. "Okumala ekiseera kitono ensi tegenda kundaba nate." Omubiri Gwe

ogw'obuntu gwayimusibwa waggulu ku Ntebe y'obwa Katonda, Yesu. "Ekiseera kitono ensi tegenda kuddamu kundaba, naye ate mmwe mujja kundaba, kubanga nja kubeera nammwe okutuusa ku nkomerero y'ensi, era mu mmwe." Entebe ya Katonda ey'Obwakabaka, eya Kristo, eteekeddwa mu mutima gwo; era Ye atudde ku Ntebe ya Katonda ey'Obwakabaka, naye mu kufuga kw'emyaka olukumi Atuula ku Ntebe Ye Mwennyini; eyo, Yalayira nti Ajja kuzuukiza Omusajja ono, Omwana We, Omwana wa Dawudi, okutuula ku Ntebe Ye.

61 Kaakati, atubikkulira ebintu bino okuyita mu kumanya Kwe okw'edda eri abo be Yayawulira edda ebintu bino, awatali ekyo tebabiraba. N'oyimirira awo wennyini, ng'okitunuulidde, naye ate nga tokiraba.

Bameka ku mmwe abaali balabye ekifaananyi ky'ente mu nsiko, nti nga olina okutunula era n'otunula? Mwali mu kirabyeko ekyo? Oba, okulaba ekifaananyi kya Kristo mu nsiko, oba mu bbanga, oba mu bire? Mulaba, omusiizi oyo akiteekamu ebintu bingi nnyo okutuusa nti olina kukitunuulira mu ngeri eyenjawulo. Kale, awo, bw'okirabako omulundi ogusooka, obeera tosobola kulaba kintu kirala kyonna okuggyako ekyo. Buli mulundi gwonna gw'okitunuulira, nga ky'ekyo. Bameka abaali balabye ku bifaananyi nga ebyo? Kale, nkikakasa mwali mubirabyeko.

Kale, eyo y'engeri Kristo gy'afaananamu, Ye Mwennyini, Enjiri, Obubaka bwe buli. Bw'olaba ku Bubaka bw'ekiseera kino, tewali kintu kirala kyonna ky'olaba okuggyako ekyo. Ky'ekyo kyokka. Ebirala byonna biba bigenze, ebisigadde bibeera bikinyweza bunyweza, mulaba, mulaba, bw'oba nga waakasooka okulaba Obubaka!

62 Bwe kityo bwe kyali mu biseera bya Nuuwa. Awo Nuuwa wamu n'ekibinja kye...mulabe engeri...bwe baalaba Obubaka, tewaliiwo kirala kyali kikola makulu nate. Ekibinja kya Musa bwe kya bulaba, tewaliiwo kirala kyali kikola makulu nate. Ekibinja kya Yokaana bwe kya bulaba, tewaliiwo kintu kirala kyali kikola makulu nate. Ekibinja kya Yesu bwe kya bulaba, tewaliiwo kintu kirala kyali kikola makulu nate. Ekibinja ky'abatume bwe kya bulaba, tewaliiwo kintu kirala kyali kikola makulu nate. Ekibinja kya Luther bwe kya bulaba, Ekibinja kya Wesley bwe kya bulaba, ekibinja ky'abapentekooti kya bulaba, tewaliiwo kirala kyali kikola makulu nate, baava mu buli kintu kyonna. Lwaki? Okuyita mu kumanya Kwe okw'edda yateekerateekera ebintu bino okutuukawo.

63 Alonda abantu Be Ye okuyita mu kumanya Kwe okw'edda. Nga bwe Yayogera wano mu Baruumi 8, nti Esawo...nti o-nti-okulonda kwa Katonda kunywezebwe. Nti Esawo ne Yakobo bombi baazaalibwa abazadde abatukuvu, nga balongo, nti okulonda Kwe kunywere era nga kwa mazima, Yagamba nti, "Nkyawa Esawo, era Njagala Yakobo," nga tewali yadde n'omu ku balenzi eyali azaaliddwa. Mulaba? Amanyi kiki ekiri mu muntu, Yakimanya okuva ku lubereberye kiki kye kyali, n'olwekyo Asobola okuleetera buli kimu okubeera nga kikolera ddala ku ssaawa yaabyo. Fenna tugenda ne tutya era ne tutabulwatabulwa; tomulabangako Ye nga atabuddwatabuddwa, tebaakikola... Mulaba? Ebintu byonna bikola bulungi, butereevu ddala, essaawa etambula.

Ebintu bino ebirina okutuukawo, abakazi bano bonna abalina enviiri ennyimpi, era n'abasajja bano abambala...nga balina enviiri nga ez'abakazi baabwe. Mbalaba, mu mazima, balina buno obuleega enviiri mu nviiri zaabwe, ne bazinyolereza wano mu maaso. Nga kuwabizibwa! Ebyo by'ebivudde mu Adeni ya Setaani. Era bakola ng'omukazi. omukazi ye agezaako okusalako enviiri ze ng'omwami we. Omwami we ye alese enviiri ze okukula nga mukyala we. Era omukyala ayambala engoye za bba, era n'omwami ayambala engoye za mukyala we ez'omunda. Mulaba, awo wetuli. Omukazi kati afaanana ng'omusajja, era n'omusajja afuuse ng'omukazi. Mulaba, eno Adeni ya Setaani, nga ekontana n'ekyo Katonda kye yagikola okubeera ku lubereberye. Ago ge Mazima.

64 Singa sitandika, kino tetujja ku kituukako. Naye ebintu bino, era n'engeri Ye ey'okukikolamu, era ne ani anaakikola, eyo nkola Ye gye Yeerondedde, Y'Alonda. Eyo y'engeri gy'Ayagala kikolebwemu.

Bwe nnabadde mpuliriza ow'oluganda Pearry Green, omusumba waffe mu Tucson, ng'abuulira ekiro kya luli ku ngeri Katonda gye Yakolamu ebintu (nneerabidde omutwe bwe gwali), naye yagamba nti, "Eyo y'engeri Katonda gy'Akyagalamu, eyo y'engeri Katonda gy'Akikolamu." Kale, ekyo kituufu.

Kakaati, ani ku ffe agenda okumugamba nti, "Mukyamu"? Ani ayinza okwetantala okuyimirira mu maaso ga Katonda, era n'amugamba nti, "Oli mukyamu, Mukama, oteekeddwa okukikola mu ngeri gye nkyagala kikolebwemu, mu ngeri omusawo. Gundi ne gundi gye yagamba nti tukikolemu"? Ani oyo omugwi w'eddalu, okwogera ekintu ng'ekyo? Nedda, tosobola kuvaayo n'okyogera, naye ggwe kirowoozeeko!

65 Nga ku bubaka bwange *obw'omulabe wa Kristo*, "Kubanga walijja ba kristo ab'obulimba." Kaakati, teyagamba ba Yesu ab'obulimba. Mulaba, tewali muntu ayinza kuyimirira busimbalaala n'ayitibwa "Yesu," nga kitegeeza Mukama. Naye ba kristo ab'obulimba kitegeeza "abafukiddwaako amafuta."

Oh, abo, buli omu alowooza nti alina amafuta, "Ekitiibwa kidde eri Katonda, asobola okukola *kino* era n'akola na *kiri*!" Naye muteeke ku kigezo ky'Ekigambo olabe kiki ekinaamuvaamu, mulaba, Obubaka bw'ekiseera.

Baalina amafuta mu biro bya Yesu, naye si ku Ye.

Baalina amafuta mu biro...Ne Dasani yalina amafuta mu biseera bya Musa. Yagamba nti, "Kaakati, tolowooza nti yeggwe wekka omutukuvu mu masekkati gaffe, Katonda alina bangi. Ffe tujja kutandikawo wano ekibiina, ekibinja ky'abasajja."

Katonda Yagamba Musa, "Mweyawuleko," era n'Ayasamya ensi n'ebamira. Yali awadde Musa Ekigambo Kye kinnakabala, Nnabbi We; eyo y'engeri yokka gye Yali akikozeemu, era y'engeri yokka gy'Alisigala ng'Akikola. Takyusa mu ntegeka Ye, mulaba.

66 N'olwekyo ebirowoozo byaffe bikyamu, ebirowoozo Bye by'ebituufu, buli kiseera. Era togezaako kumugamba Ye nti, "Mukyamu." Si nsonga ani gwe tulowooza nti y'asingayo okugwanira, tekiri ku ffe kugamba ani asinga okugwanira. Kaakati, awo we muyingirira mu kibiina.

Ow'oluganda omu omuto eyajjula Omwoyo Omutukuvu asobola okugenda mu kibuga era n'azimbayo ekibi... n'azimbayo e-ekibinja ky'abantu abalungi, era ne basisinkana mu lukuŋŋaana, era ab'oluganda bonna abo abatukuvu ne babeera bonna, omanyi, era ne bagamba nti, "Omanyi ki? Nzikiriza nti *Jones* ono wano," (Ye wa njawulomu kko mu bo) "Ndowooza ateekeddwa okubeera n'eryo ekkuŋŋaaniro eddungi eddene, Bwe ndowooza. Ggwe tolowooza nti ekyo kituufu?" Nedda, abange. Awo n'agenda. Era olwo ekibiina ne kisaasaana. Mulaba? Yawula bano! Katonda y'Ayawula, Ye y'Akikola ekyo. Naye abo bonna, buli omu, baagala kutwala *ono* omuto, bamuteeke *wano*, era *n'ono* bamuteeke wansi *wano*. Ebyo birowoozo bya muntu.

67 Omuntu alina ebisumuluzo, naye mu mazima Katonda Y'akwata ebisumuluzo. Bakwasa Abayigirizwa, ekkanisa entukuvu, ebisumuluzo; era tunula olabe omulundi gwe basooka okubikozesa, Yuda bwe yali nga agudde ku lw'okwonoona. Baakuŋŋaana wamu era n'ebakuba obululu; n'ab'oluganda abatukuvu. Ani ayinza okugamba nti tebaali b'aluganda batukuvu? Ani agamba nti tebaali batukuvu? Naye baakuba akalulu, era ne kagwa ku Matiya. Era awo ye...kiki kye yali akoze? Tewali. Naye Pawulo ye yali alondeddwa! Amiina. Okwo kwe kwali okulonda kwa Katonda: Omuyudaaya omutono, ow'ennyindo ensongovu, omukambwe, ow'obusungu. Si Matiya oli, owa dokita mu by'eddiini (D.D)., omanyi, ye yali...Yali Pawulo. Katonda yalonda Pawulo; ekkanisa yo yalonda, yalonda Matiya. Mulaba? Tolina lukusa kugamba Katonda nti "mukyamu." Ye amanyi eky'okukola, Ye amanyi omusajja oyo ky'eyakolebwamu.

Ani yandiyinzizza...ekkanisa eyo yandironze Pawulo? Oh, nedda, tekisoboka. Bandigambye nti, "omusajja oyo y'abaddenga atuteeka mu kkomera."

Naye Katonda yagamba nti, "Nja kumulaga engeri gy'anabonaabona ku Lwange." Amanyi kiki.

Kale, si nsonga ani gwe tulowooza nti ye mutuufu, Katonda Y'amanyi ani asinga okugwanira kubanga Amanyi omutima gw'omuntu, Ye amanyi.

68 Newankubadde okudda obuggya, oba ebintu bino, tebituukawo mu kiseera kye tulowooza nti mwe biteekeddwa okutuukiramu. Tulowooza, "Ky'ekino ekiseera ekituufu kaakati, ekitiibwa kidde eri Katonda!" Nneetegereza mu Chapters zaffe era n'ebirala eza ba Business Men, "Wagenda kujjawo mbagirawo, aleruuya, okudda obuggya okw'amaanyi!"

Tolimbibwa, "Yajja dda, era baamukola ekyo ekyali kisembayo." Mulaba? Naye balowooza nti waliwo okudda obuggya. Kuli mukutuukawo? Nedda! Kwaggwa, era kufu, kwaggwaawo. Uh-huh. Mwetegereze, kino kiseera kya kuzigula ttaala, kufuluma wabweru era n'okuyingira munda. "Naye abo abalindirira Mukama balizzibwamu buggya amaanyi gaabwe."

69 Mwetegereze wano we twasomye, weetegereze Dawudi, Kabaka wa Isiraeri, yeeyali afunye okwolesebwa okw'okukomyawo essanduuko ya Katonda ekomewo mu kifo kyayo; nti, baali tebaagyebuuzangako mu nnaku za Sawulo kubanga Sawulo yali yaddirira. N'olwekyo tebeebuuza ku ssaanduuko yadde, ey'endagaano, mu nnaku za Sawulo, kubanga yali yaddirira era n'ava ku Katonda. n'olwekyo Dawudi, mu bwangu, n'okuluŋŋamizibwa...Kaakati mwetegereze kino, kitundu kya bulabe nnyo bw'otakitegeera bulungi. Era mpulira nti essaawa ejja we tuteekeddwa okubeera abasajja so si abaana. Uh-huh. Tulina kubeera na nnyama ngumu mu kifo ky'amata.

70 Mwetegereze Dawudi, Kabaka wa Isiraeri, Kabaka yali yaakafukibwako amafuta g'obwakabaka; oba Kabaka alondeddwa, Sawulo...Samwiri yamufukako amafuta ku lw'okwagala kwa Katonda; era mu mazima ye yali kabaka alondeddwa Katonda, tekiriiko kubuusabuusa. Era wuuno wano, okuluŋŋamizibwa ne kumutomera. Dawudi kyamubikkulirwa. Yafuna okubikkulirwa, tewaliiwo muntu mulala eyali alina ky'akyogeddeko. "Leka tugende tunone essaanduuko, kubanga okwo kwe kwagala kwa Katonda nti tubeere n'essaanduuko eyo wano naffe, nti twebuuze ku Katonda okuyita mu ssaanduuko eno." Kintu kya buvumu nnyo, nnyo. Temukirowooza kityo mmwe? Kale.

71 Mujjukire, naye, ye okubeera kabaka, ate era n'afuna okubikkulirwa, yasukkuluma we yali alina okukoma. Waliwo nnabbi mu ggwanga eyali ayitibwa Nasani, oyo ye yali yayawulibwa okufuna

okubikkulirwa. Awo waliwo ekintu kyonna eky'okwogerwako, yagamba nti, "Mukama tabeerako ky'Akola okuggyako ng'Amaze okukibikkulira abaweereza Be bannabbi." Wabula, mulaba, Dawudi olw'okubeera kabaka, ng'aliko amafuta...kaakati, ekyo ky'Ekyawandiikibwa? Ng'aliko amafuta, era n'afuna okubikkulirwa okutuufu; naye kyali kikyamu. Kubanga Nasani ye yali nnabbi w'omulembe ogwo, era okubikkulirwa tekwajja eri Nasani, era okubikkulirwa bwe kwajja eri Dawudi teyeebuuza yadde ku Nasani ebikukwatako. Ye yagenda mu maaso era n'akola kye yali ayagala okukola. Uh-huh.

72 Naye mwetegereze ani Dawudi gwe yeebuuzaako wano mu ssuula eye 13, "Naye ne yeebuuza ku baami b'enkumi n'ab'ebikumi," yaddayo eri ekibiina kye. Mulaba? "Kaakati, temulowooza nti twandikoze...?" ekyo si ky'ekyo. Kaakati yali agezaako kuweereza Katonda, naye yali tayawuliddwa kukikola; mulaba, kubanga Katonda yalina engeri.

Ky'ekimu nga Katonda bwe yali asobola okwogera ne kabaka ebikwata ku kizimba kye era n'okuwona, naye Ye teyakikola, Yali ataddewo engeri y'okukikolamu, eyo nga ye yali nnabbi We. N'olwekyo Yayogera ne nnabbi, Isaaya, n'amugamba addeyo abuulire Keezeekiya ekijja okutuukawo.

Kaakati, Keezeekiya yali ayogera maaso ku maaso ne Katonda, era Katonda yali asobola okwogera ne Keezeekiya, mu mazima, naye yateekawo emikutu egimu! Mu kitegeera? Katonda alina enkola ye gye yateekawo gy'akolamu ebintu bye: okutuma okudda obuggya, okwogera, kunyumya, kyonna kye kiri. Ye alina engeri Ye ey'okukikolamu, era ffe tetulina kye tuli okumubuulira Ye engeri ey'okukikolamu. Akikola mu ngeri emusanyusa ey'okukikolamu.

73 N'olwekyo, mukiraba, Dawudi, olw'okuluŋŋamizibwa...kaakati, mujjukira nnagambye nti, amafuta, amafuta ag'obulimba? Mujjukire nti Omwoyo Omutukuvu asobola okujja n'afuka amafuta ku muntu, naye ate nga kikyali wabweru w'okwagala kwa Katonda. Wano, kikakasibwa nti kituufu. Mulaba? Tulina okuyita mu ngeri ya Katonda ey'okukikolamu, si mu ngeri zaffe, engeri ya Katonda ey'okukikolamu. Kubanga, Dawudi, olw'okubeera kabaka, afukiddwaako amafuta n'Omwoyo wa Katonda ng'amuliko (ekifaananyi kya Yesu Kristo), naye ogwo sigwe gwali omukutu gwa Katonda.

Era ekibiina kyonna, "ekyo, kyabasanyusa," Baibuli bw'egambye. Mwetegereze, abaami ab'enkumi era n'ab'ebikumi, ne bakabona era ba n'abakugu mu magezi g'eddiini baalowooza nti ekyo kyali "kya kitalo." Gaago amasomero gammwe aga Baibuli era n'ebirala byonna, balowooza nti kyali "kya kitalo." Era n'abantu bonna bakkiriziganya, era ne bakabona, era-era n'abalala bonna bakkiriziganya nti amafuta ga Kabaka gaali matuufu. Mwetegereze! Naye Katonda yali teyasuubiza kubabikkulira Kigambo Kye mu biro byakyo. Katonda yalina engeri Ye ey'okubikkula Ekigambo Kye, naye si eri bbo. Mujjukire, kyali kikontana ne Katonda.

74 Ekintu nga mu nnaku za Mikaaya mutabani wa Imula. Mujjukira olugero olwo? Yuda ne Isiraeri beeyawulamu era baalina obwakabaka bwa mirundi ebiri, era Akabu ye yali kabaka w'obwakaba obumu. Ne Yekosofaati ye yali kabaka-w'obwakabaka Juda, nzikkiriza bwe kyali; era Akabu yali afuga Isiraeri, Yerusaalemi.

Mwetegereze, awo ne wabeerawo ekibinja ky'abagwira abajja era ne batwala ekitundu ku nsi Katonda gye yagabira Isiraeri, era Abafirisuuti bano wangulu eno, oba Abasuuli, baali bawambye ensi yaabwe era nga baliisa abaana baabwe okuva mu ebyo ebiva mu ttaka lya Isiraeri. Era nabo nga baali beetaaga ensi eyo okuliisa abaana baabwe era n'abennyumba zaabwe. Katonda yagibagabira...eryo lyali ddembe lyabwe eribaweereddwa Katonda.

75 Era awo Akabu n'ayita Yekosofaati, era n'amugamba nti, "Jangu wammanga eno." Yagamba nti, "Labayo wali omulabe waffe ky'akola. Kituufu nti ffe, abantu ba Katonda, nga tulina eddembe eryatuweebwa Katonda nti tulina okubeera n'ensi eno, yaffe; Katonda okuyita mu nnabbi We, Yoswa, yagabanyamu ensi eno; erina kubeera yaffe, yaffe, n'eri abaana baffe, kati labayo ba nnakalyako ani bagitutte?, Era ffe tulina...Enjala etuluma nnyo, kyokka bali be balina eddembe lyaffe eryatuweebwa Katonda. tolowooza nti twandiyambuse wangulu eyo era ne tweddiza ensi yaffe? Singa onaagattako amagye go: singa mmwe Abamesodisiti, era n'Abapulesibataliya, era n'Abaluther, era n'abalala bonna, mmwena mujje mu kakiiko akagatta enzikiriza wano kaakati, ffenna tujja kutuula wamu, era ekintu tukitwale." (kale nno mbagamba era ndi mu kwogerera mu lugero.) "Tujja kugenda tugitwale."

"Lwaki," yagamba nti, "ddala, fenna tuli omu." Uh-huh.

Kaakati, Baibuli yagamba nti, "Ababiri bayinza batya okutambulira awamu okuggyako nga bakkiriziganyizza?" Mulaba?

Eyo awaali omusajja oyo ow'amaanyi, omusajja oyo ow'amaanyi omupentekooti, Yekosofaati, beetabulatabula n'ekibiina ekikyamu. Era ekyo kye kyatuuka ku Bapentekooti baffe olwa leero. Waliyo abasajja abannamaddala munda eyo, naye beetabuddetabudde mu ekyo ekibinja ky'ekibiina ky'eddiini. Mufulume mu kintu ekyo! Mukama ya kikolimira!

76 Kaakati mwetegereze! Ye yali awo, era n'agamba nti, "Yee, ekyo kiwulikika nga ekirimu amagezi."

N'agamba nti, "Amagaali gaffe ge gammwe; abantu baffe. Ndaba, fenna tuli Bayudaaya. Mazima, tujja kwambuka nammwe." Naye mu Yekosofaati mwali musigaddemu kko ku ddiini emala okugamba nti, "Temulowooza nti twandisoose kwebuuza ku Mukama?" Mulaba? "Ndowooza kyandibadde kirowoozo kirungi."

Lwaki, Akabu, "Era mazima." Yagamba nti, "Lwaki, oh, mazima, nnandibadde ekyo nkirowoozezzaako."

"Kale, waliwo omusajja wa Katonda yenna wano awantu awamu? Mulina nnabbi?"

"Ah, mbalina ebikumi bina. Nnina akakiiko kalamba wammanga eno, ekibiina ky'eddiini kyonna. Bannabbi Abaebbulaniya."

77 Kaakati mujjukire nti, Baibuli yagambye nti baali *"bannabbi,* bannabbi Abaebbulaniya," tebaali bannabbi b'abakafiiri, bannabbi Abaebbulaniya; essomero ddamba, Seminaaliyo y'amagezi g'eddiini.

"Kale, mubaleete wangulu eno!"

Era bakabaka ne bayambala bulungi nnyo ne batuula mu maaso ge okusanyusa nnabbi. Era wuuno ajja, nzikiriza nti yali Zeddekiya ye yajja, omwami omukulu ow'amaanyi ow'akakiiko k'abasajja akafuga ekitundu, oba kyonna kye yali, n'avaayo n'ajja okubavaamu. Yeekolera amayembe amanene abbiri, n'agamba nti, "Mpulidde okuva eri Katonda. BWATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'wamu n'amayembe gano ojja kusindika Abasuuli okutuuka okubafulumya ensi.'"

"Oh ekitiibwa!" buli omu yalowooza nti ekyo kyali kya kitalo, kirungi.

78 Mulabe engeri gye kituuse okumpi ennyo ku mugo ggw'ejjirita kaakati, wakati w'ekituufu era n'ekikyamu. Era mujjukire nti kijja kugwa ku ludda luno oba olulala, okutuusa bwe kinajja wansi olunaku lumu ng'egirita ensongovu wakati w'enjawulo y'ekituufu era n'ekikyamu. Kirina okubeera buli Kigambo kya Katonda; si kumpi buli Kigambo kyonna, naye buli Kigambo! Era kituuse wansi olwa leero, si eri Abaluther, si eri Abamesodisiti si eri Abapentekooti, naye eri omulembe ogwo oguli ku ntikko, mu mulembe guno awo amafuta g'omulabe wa Kristo nga gatuukiridde nnyo, nti gasobola n'okulimba Omulonde yennyini, bajja kugwa ku ludda olukyamu singa tebeegendereza, ng'ekitundu ky'embazzi. Mutunule! Mubeere beegendereza! Tetuli mu mulembe gwa Pentekooti kaakati. Omulembe ogwo twaguyitako, mu ngeri y'emu era nga bwe twayita ku mulembe gw'Abaluther, era ne tuyita...mulaba?

79 Mwetegereze. Kaakati bannabbi bonna baalagula, bonna ebikumi bina, nga balisibwa bulungi, bali mu mbeera nnungi, bannabbi Abaebbulaniya baabawa obujulizi, mu mwoyo omu, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'Mwambuke wangulu, Mukama ali wamu nammwe.'"

Yekosofaati n'agamba nti, "Kale, ekyo-ekyo kiwulikika bulungi. Naye," n'agamba nti, "mulinayo omulala?"

"Omulala? Tulina ekibiina ky'eddiini kyonna wano, tulina ab'akakiiko bonna bakuŋŋaanye wano. Lwaki ate twetaaga omulala?"

Yagamba nti, "Ah, wabula mbadde ndowooza oba oli awo wakyaliyo omulala."

N'agamba nti, "Oh, yee, wakyaliyo omulala, naye ye si na kitundu ku kakiiko kano." Uh-huh. "Oyo yagobebwa. Ye Mikaaya, mutabani wa Imula, ate mmukyawa." Mulaba? N'agamaba nti, "Tebajja kumwaniriza mu kibiina kyaffe, ate n'ekisooka muntu wabulijjo ey'agobebwa. Era ye buli kiseera, buli ky'alagula kyonna, tazzaamu maanyi Seminaaliyo yange wadde." Uh-huh. "Era akola ebintu bino byonna ebibi, buli kiseera ye andagulako bubi, okubeera obubeezi ow'enjawulo kyokka."

"Oh," Yekosofaati n'agamba nti, "kabaka aleke kwogera kintu ekiringa ekyo. Naye nnandiyagadde okuwulira kiki omusajja ono ky'agenda okwogera."

80 N'agamba nti, "Kale, tujja kumuzuula." Bwe kityo ne babaako omusajja gwe batuma mu ddungu awantu awamu.

N'agamba nti, yamugamba, n'agamba nti, "Kaakati, mu kkubo lyo ng'okomawo, nnina kye njagala okukugamba. Oyagala okukomawo mu kibiina ky'eddiini nate?" Mulaba? "Oyagala okudamu okussa ekimu n'abo bonna nate? Bw'oba oyagala, yogera ekintu kye kimu omukulu w'eddiini mu kitundu ky'ayogera, yogera ekintu kye kimu bisopu ky'ayogera, era bajja kukukomyawo mbagirawo. Kaakati ky'ekiseera okukikola ekyo."

Naye osobola okuteebereza nnabbi wa Katonda ow'amazima afukiddwaako amafuta, okwekkiriranya ku Kigambo ekimu ekya Katonda? tekisobokera ddala!

Yagamba nti, "Nga Mukama bw'Ali omulamu, nja kwogera ekyo kyokka Katonda ky'Ayogera!" twetaaga mutabani wa Imula. "Nga Mukama bw'Ali omulamu, nja kwogera ekyo kyokka ky'Ayogera." Ekyo kituufu, "Ekyo ky'Ayogera."

81 N'olwekyo awo bwe baatukayo wammanga eyo mu maaso g'abantu, bannabbi bonna, ne bagamba nti, "Kale nno, ogamba nti ba..."

N'agamba nti, "Mulinde, mumpeeyo ekiro kya leero, ndabe kiki Mukama ky'Agenda okwogera." Bwe kityo ekiro ekyo, Mukama n'amulabikira mu kwolesebwa era n'amugamba eky'okwogera.

Amakya agaddako yagamba nti, "Kiki ky'ogamba, Imula?" nga bonna bayimiridde wabweru....ntegeeza "Mikaaya, mutabani wa Imula," n'agamba nti "kiki ky'ogamba kaakati? Fenna tuli wano wamu, bakabona baffe bonna, era ne bannabbi bonna, era ne bakabaka bonna, n'abalala bonna nga batudde wamu. Kiki ky'ogamba kaakano eri akakiiko kano akakulu?"

N'agamba nti, "Mwambuke wangulu," n'agamba nti "naye ndabye Isiraeri ng'esaasaanye ng'endiga ezitalina musumba."

Era Akabu n'agamba nti, "Kiki kye nnabagambye! Kyewaggula oyo asobola kulagula bubi bwokka gyendi!"

Yandiyogedde atya ekintu ekirala ng'ate Katonda ayogera ekintu kye kimu? Nnabbi ateekeddwa kubeera kamwa ka Katonda nga koogera, si birowoozo bye ye. Ebibye...Mukiraba, nga ye... yenna nga yeewaddeyo eri Katonda, talina gw'ayagala kulumya yenna, naye alina okwogera ekyo Katonda ky'agambye, kubanga ye takirinaako buyinza ye mwennyini. Mulaba?

82 N'agamba nti, 'kale nno, ssaabagambye?"

Awo omusajja omunene n'avaayo ng'alina ejjembe, era n'amupacca oluyi ku mumwa, n'agamba nti, "Omwoyo wa Katonda akutte kkubo ki bw'anvuddemu?" mu ngeri endala, leka ekyo ngezeeko okukikumenyeramu, "Tunula wano...tunula wano, nnina kye njagala okukubuulira, Mikaaya. Okimanyi nti ndi mukugu mu byawandiikibwa? Okimanyi nti nnina amafuta?" Oba, "Okubatiza," tusobola okukyogera olwa leero. "Okimanyi nti nnina okukkiriza?"

Imula n'agamba nti, "Nze ekyo sikibuusabuusa."

Yagamba nti, "Naye wuliriza!" Omwoyo wa Katonda aŋŋambye, era awa obujulizi na bano ebikumi ebina abali wano, nti 'tugenda kusindiikiriza Abasuuli okuva mu nsi.' Era gwe ani okujja wano era ogambe nti kabaka waffe ow'amaanyi agenda kuttibwa?" N'agamba nti, "Omwoyo wa Katonda yaŋŋambye ekyo."

83 Leka nkibamenyeremenyere musobole okukitegeera. Era oba oli awo tulaba Mikaaya ng'agamba nti, "Ekiro kya jjo mu kwolesebwa, ssebo, Nnalabye Katonda ng'atudde ku Ntebe y'obwa Kabaka. Era ne ndabba eggye ly'Eggulu lyonna nga likuŋŋaanye okumwetooloola, uh-huh, era baabadde balina akakiiko mu Ggulu. Ne bagamba nti, ani gwe tuyinza okufuna atugendere wansi era alimbe Akabu? Kubanga wano wansi w'Entebe ey'obwa Kabaka waliwo nnabbi, nnabbi omutuufu, erinnya lye ye Eriya. Era alagudde n'Ekigambo kyange era n'agamba nti "Akabu oyo omubi, kubanga yatemula Nabosi, embwa zijja kukomba omusaayi gw'omusajja oyo omubi," era Ekyo tuteekeddwa okukituukiriza kubanga kyayogerwa dda, kiri BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA! Kirina okutuukirira, kirina okubeerawo. Era tugenda kukikola tutya?"

84 "Olwo okuva wansi eyo mu nsi y'abaabula, wansi eyo wala munda ne wava omwoyo nga gujja waggulu, n'egugamba nti, 'ndi mulimba, era singa nsobola okubeerako kye nkukolera Ggwe, nja kukkirira eyo wansi era nnyingire mu nnabbi we.'" Kubanga baali beeteeseteese nnyo, bajja kutegeera ekintu kimu kyokka, ekyo kwe kukyamuukiriramu okutono. "'Era nja kubaleetera okulagula obulimba. Era nja kuleetera Akabu okuwuliriza abo abantu ab'ebitiibwa mu kifo kya nnabbi Wo owa ddala; kubanga ye ajja kwekkaanya ebintu byonna by'ayogera n'Ekigambo Kyo, ajja kwekkaanya okwolesbwa *kwe* okuyita mu Kigambo, ajja kwekkaanya buli kintu kyonna ky'akola n'Ekigambo, era bwe kibeera nga tekiri wamu n'Ekigambo tajja kukiwuliriza. Naye bwe kiba... Nsobola okulimba bano abalala, era Nja...ba...Akabu alina obuvumu bungi nnyo mu obwo obumu obw'amaanyi obw'awamu obw'okwekuuma kwabwe, n'olwekyo bakuŋŋaana wamu bonna era ne babeera bumu. Era nja kuleetera Akabu okubawuliriza, bagende wabweru eyo. Era bwe tutyo bwe tujja okukikolamu.'"

"Katonda n'agamba nti, 'Osobola okukikola, oli mulimba owaddala; kaakati gwe gendayo wansi eyo."

85 Era awo Zeddeekiya n'amupacca oluyi ku mumwa, n'agamba nti, "obadde owabadde wa...?

N'agamba nti, "Ojja kukitegeera ng'otudde mu kkomera ery'omunda."

N'agamba nti, "Yambuka!" Zeddekiya n'agamba Kabaka. N'agamba nti, "Mwambuke wangulu era mukomewo mu mirembe!"

Akabu n'agamba nti, "Mutwale omusajja oyo mumuteeke mu kkomera. Mumuteekeko empingu, mumuwe emmere ey'ennaku n'amazzi ag'ennaku. Era bwe nnaaba nkomyewo n'obuwanguzi bwange okuva wabweru eno, ekyo ba nnabbi bange kye baŋŋambye nti 'okudda obuggya kuno ndi mukakafu kuteekeddwa okubeerawo,'" n'agamba nti, "Nja oyo nja kumukomerawo!"

Wuliriza ebigambo bya Mikaaya ebyasembayo eri omusajja oyo: "Singa omala n'okomawo, n'akatono, awo Katonda nga teyayogedde nange." Amiina.

Mulaba, Katonda alina engeri gy'akolamu ebintu Bye. Abasajja bano baalowooza nti baali baweereza Katonda. Mwegendereze! Si nneewulira, si kukyamuukirira, si kuteebereza, naye kiteekeddwa okubeera "BW'ATI BW'A YOGERA MUKAMA," kiteekeddwa okubeera ekituufu. Kituufu, si nsonga... ebintu bino tubisanga nga biri bwe bityo.

86 Weetegereze kaakati Dawudi bwe yali akoze okulangirira kuno okw'amaanyi, era ky'alabikanga ekirungi, ekintu ekirungi okukola. Awo tukiraba nti... (mbakooya? Ndi kikeerezi nnyo okubeera n'ekirala?) Baali bakoze okulangirila kuno okw'amaanyi, teyeebuza ku nnabbi.

Kaakati, muntu yenna amanyi Amosi 3:7 egamba nti Katonda yasuubiza nti Talibaako kintu ky'Ajja kukola okuggyako ng'Asoose okukibikkulira ba nnabbi Be. Okuyita mu mirembe gy'amakanisa tubadde n'abaddaabuluzi; naye kyasuubizibwa Malaki 4 nti wajja kubeerawo nnabbi ku nsi mu nnaku ez'oluvanyuma (kubanga kirina okugya mu nkola eyo, mulaba) nga ebiseera by'enkomerero tebinajja.

87 Yesu bwe yali tanajja, Eriya yasooka n'ajja, Eriya wa Malaki 3. Matayo 11 egamba bw'etyo, "Bwe muba musobola okukitegeera, ono y'oyo eyayogerwako, 'Laba ntuma Omubaka Wange mu maaso gange.'" Kaakati, yalagulwa, abakugu mu magezi g'eddiiini bonna bakikkiriza ekyo; nti, mu nnaku ez'oluvanyuma, Omwoyo wa Eriya naye ajja kujja, naye. Alina okujja emirundi etaano, Katonda akozesa Omwoyo

oyo: Erisa, Eriya, Yokaana Omubatiza, era n'eri ekkanisa y'abamawanga, era awo eri Abayudaaya mu kubikkulibwa essuula ya 11. Ekyo kisa(g-r-a-c-e) kya Katonda, kukkiriza (f-a-i-t-h), (J-e-s-u-s) Yesu, en-enukuta ttaano. Tesobola kukoma ku nnya, kirina okutuuka ku taano. Mulaba? Mwetegereze!

88 Kaakati, ekyo Yakisuubiza, n'olwekyo ekyo kiteekera ddala Baibuli mu nnaku za leero, ne Sodoma era ne Gomola. Era Eriya teyali...Oyo teyali Eriya; Oyo yali Mwoyo wa Katonda ku Eriya; Eriya yali muntu buntu. Kale nno, tubadde ne ba Eriya, n'ebizibaawo bya Eriya, era n'eminagiro gya Eriya, era na buli kimu ekya Eriya. Naye Eriya w'olunaku luno ye Mukama waffe Yesu Kristo. Alina okujja okusinziira ku Matayo kumi na musanvu...Luka 17:30, egamba nti Omwana w'omuntu agenda kwebikkulira mu masekkati g'abantu Be. Si muntu, Katonda! Naye kijja kujja okuyita mu nnabbi. Kaakati, tabeerangako na ba nnabbi babiri abakulu mu kiseera kye kimu, tekibeerangawo mu nsi. Mulaba? Si nsonga waliwo kyenkana ki...emitwe ebiri tegisobola...gulina okubeera omutwe gumu. Katonda alina okuteeka omusajja omu wansi w'okufuga Kwe. Mulaba? Waliwo Katonda omu; waaliwo Kitaffe, Omwana, era n'Omwoyo Omutukuvu, naye Katonda omu waggulu wa byonna, mwetegereze, era yakozesa bukozesi ezo woofiisi. Era ky'Akoze ne Eriya, Omwoyo wa Eriya; yakozesa Omwoyo oyo, naye Katonda y'omu akifuga ekiseera kyonna okutuukiriza Ekigambo Kye.

89 Kale nno, mwetegereze mu kino kaakati, Dawudi yalowooza nti buli kintu kyonna kyali mu nkola ntuufu. Era yaluŋŋamizibwa. Mulaba engeri Omwoyo Omutukuvu bw'asobola okufuka amafuta ku muntu? Naye kirina okubeera mu nkola entuufu ey'amafuta. Omwoyo gwa wabweru gusobola okufukibwako amafuta n'Omwoyo Omutukuvu, era n'emmeeme ng'eddugala ng'ettaka. Ekikwata ndiga kikulira ku mazzi ge gamu agazimba...gateeka obulamu mu ŋŋano, gateeka obulamu mu kimera kye bayita kikwata ndiga; naye ate ku ntobo y'ekikwata ndiga, wabeerayo obulamu bwa kikwata ndiga. Kibeera esanyuka, era n'okuyitimuka, nga kirina obulamu, era nga kikola buli kintu eŋŋano ky'ekola, naye *emmeeme yakyo* kibeera *kikwata ndiga.* Mulaba? Abasomesa ab'obulimba basobola okuyimuka, nga basomesa buli kika ky'obusatu era n'ebirala byonna, ate era ne babeera nga bafukiddwako amafuta g'Omwoyo Omutukuvu, era ne bakola eby'amagero bingi nnyo ng'Enjiri eya mazima by'esobola okukola. Naye ku lw'Ekigambo wano, ekyo kye kikikola. Mulaba kye ntegeeza? Kaakati, kirungi okusomesa kino, ntebereza, amakya ga leero ndi mu kkuŋŋaaniro ery'ebibiina by'amadiini ebiwerera ddala, mu-mu eno Wooteeri wano.

90 Mwetegereze, mutunuulire kiki kye tugamba. Kaakati, kale, muwuulirize. Dawudi yalina okukyamuukirira kwonna okudda obuggya okwaddala kwe kwalina. Mwetegereze! Baaleekaana, baawoggana, baazina, mu mazima baalina kye baafuna okuva mu mafuta ago. Mazima baalina! Byonna nga biri ng'okudda obuggya okwaddala, naye, mmwe mukyetegereze, Katonda yali takiriimu. Yalina nnabbi ng'atudde awo wennyini mu nsi. Baali bateekeddwa okuba nga bakimanyi. Mulaba? Dawudi yali ateekeddwa okubeera ng'ekyo akimanyi.

Ekintu ekimu olwa leero, tulina eby'etaagisa byonna, ng'ebibiina by'amadiini eby'amaanyi, enkuŋŋaana z'enjiri ez'omubiseera byaffe, naye ebivaamu nga bye bimu nga bwe byali ku luli; ebivaamu mu ezo enkuŋŋaana zaffe ez'Enjiri ezamaanyi, era n'ezo ensonga zaffe ennene, ebizimbe byaffe ebinene, era n'okuzimba enkumi n'enkumi, era n'okuttako ba memba era n'ebiringa ebyo, bivaamu mu ngeri y'emu, byonna kulemererwa. Ekyo si kyogera kubeera wa njawulo, ekyo nkyogera kubeera wa mazima mu maaso ga Katonda, ng'Oyo Ekitabo Kye kye nnyimiriddeko amakya ga leero. Mulaba? Byonna bimala ne biremererwa, ebivaamu bye bimu.

91 Kaakati leka tulabe kiki ekyatuukawo awo Katonda (mu biseera Bye era n'emirembe) era ne bannabbi

Be bwe batabafaako, ne beesigama ku magezi g'eddiini aga Baibuli, Bakabona, okwegatta mu bibiina by'amadiini nga bwe tukikola olwa leero. Kaakati, n'obwegendereza. Byonna byonooneddwa. Singa Omwoyo wa Katonda ow'amazima awo, agya kubiruŋŋamya mu Kigambo; si kitundu kimu mu Kigambo, Ekigambo kyonna. Eky'omulembe gwonna. Mulaba?

Olunaku lwa Pentekooti, Omwoyo yakiragirira mu ekyo kyennyini, eri Yoweri 2:28. Mulaba? Ennaku za Luther, kyalagirirwa mu ekyo kyennyini; Wesley; mu guno omugendo gwa Pentekooti ogusembayo; naye guno mulembe mulala, kuno kwe kuyitayo kw'Omugole. Si myaka nkumi bbiri egiyise ku Pentekooti, oba okuddamu, oba okukomawo. Pentekooti...

92 Omwoyo Omutukuvu yali mu Luther, Omwoyo Omutukuvu yali mu Wesley; Kigambo kya Katonda nga kifukiddwaako amafuta. Era Omwoyo Omutukuvu n'akomawo eri abantu b'omulembe era ne batandika okubeera n'okuzzibwawo okw'ebirabo. Baakizuula, okuyita mu kwewaayo eri Katonda, Omwoyo Omutukuvu yayogera mu nnimi ng'ayita mu bo. Baateeka emikono gyabwe ku balwadde, era ne bawona. Baazinira mu Mwoyo. Mulaba? Ogwo gwe gwali omulembe gw'abaddaabuluzi nga bakomyawo ekkanisa mu nteekateeka ennuŋŋamu ey'ekkanisa. Era enteekateeka y'ekkanisa eyasembayo kwali kuteeka birabo mu kkanisa; nga Luther bwe yateekawo okuggyibwako omusango, Wesley n'ateekawo okutukuzibwa, Pentekooti n'eteekawo ebirabo. Naye kiki kye baakola? Ensobi ze zimu, ng'obutonde bwe bukola ekikolo ky'eŋŋano, beekolamu ekibiina ky'eddiini (ekintu ekikontana ne Katonda).

93 Kaakati, tukizuula nti bwe...Awo bano abakuŋŋaanya ebiti by'eŋŋano bwe bakuŋŋaana awamu bakola ekiteeso byabwe. Era si nsonga...Awo "ensonga empya," nga bwe bagiyita, bw'evaayo mu ba Assemblies of God, kiki kye baakola? Tebaasobola kukikkiriza. Si nsonga kyalimu Amazima genkana wa, okubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo, bo be baali Akakiiko Akaawamu. Omuntu yali amaze okuwamba, Omwoyo yali amaze okubaleka. Kituufu! Era awo bino ne bivaayo...njogedeko n'abamu ku bakulembeze bammwe abasingayo obulungi; baagamba nti, "Kale, tukoleki kaakati?" Bajja kweswaza. Bwe bamanya nti ge Mazima; singa tebakikola, babeera bazibe mu mwoyo era nga tebalina kye bamanyi ku Baibuli. Ekyo sikyogera kunyoma, naye nkyogera mu buwoombeefu. Kubanga, tewaliiwo kifo kyonna mu Baibuli omuntu yenna bwe yabatizibwa mu bitiibwa ebyo, "Kitaffe, Omwana, era n'Omwoyo Omutukuvu." Era kyali tekikozesebwangako okutuusa oluvannyuma lw'akakiiko akafuga amadiini(Ecumenical Council), ekkanisa ya Rooma enkatuliki. Katekisimu yaabwe yennyini ejulira ekintu kye kimu. Kigunje kya kikatuliki! Si njigiriza ya Baibuli, naye ekigunje ky'ekikatuliki. Era mmwe Abamesodisiti mwaleetayo katekisimu yammwe era n'ebirala byennyini nga bye baalina, mwakula mpola nga mubifulumamu. Naye kaakati bwe mutuuka ku Pentekooti, era ne musaasaanya ebimu ku ebyo ebigunje, mukyabinywereddeko.

Naye kaakati kuyita kwa Mugole, kaakati we wano Envumbo Omusanvu bwe zibikkulibwa, awo ebintu byonna ebijjuvu abaddaabuluzi bye baaleka lwe birina okubikkulibwa; era Malaki 4 yekka y'esobola okukikola ekyo, kubanga kitwala kubikkulirwa okuvudde obutereevu eri Katonda omuntu omu okusobola okukola ekyo. Ekyo kituufu! Tekisobola kujja eri kibiina, tekibeerangawo. Omuntu omu! Ekyo Katonda kye yasubiza mu bisiikirize eby'okujja okunona Omugole We, Erieza. Mulaba?

94 Mwetegereze Bakabona, abaweereza, era n'abirala, bwe baafuna okuluŋŋamizibwa kwabwe, era nga mazima baafukibwako amafuta. Dawudi yali afukiddwaako amafuta. Baibuli bw'egamba bw'etyo. Naye, olaba, yayita awakyamu, yayitira mu mukutu omukyamu. Yayisa amafuta ge ku ludda olukyamu, eri abantu na kiki kye baali balowooza, eri abakulu b'amagye, kiki kye baalowooza, mu kifo ky'omukutu gwa Katonda Omutukuvu okuzuula kiki BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA kye yali, "Kino ky'ekiseera kya kino? Bino by'ebiro bya kino? Kuno kwe kwagala kwa Katonda?"

95 Awo bw'aba nga nnabbi wa Katonda ow'amazima, ajja kusooka kugenda mu maaso ga Katonda, agambe nti, "Taata, kiki kino?" nga Nasani bwe yakola oluvannyuma ku Dawudi.

Dawudi yagamba nti, "Kituufu nze okubeera mu nnyumba ey'omwerezi, nga essaanduuko ya Katonda wange eri wansi wa weema wabweru eyo?"

Era tunuulira Nassanayiri, yagamba nti, "Dawudi, kola byonna ebiri mu mutima gwo, kubanga Katonda ali wamu naawe. Oli kibya kya Katonda ekifukiddwaako amafuta."

Naye eky'okubeera nnabbi, era n'ensobi Ye, era Katonda kimukakatako eri bannabbi Be. Ekiro ekyo Yamulabikira, n'Agamba nti, "Genda ogambe omuweereza wange Dawudi, nneegomba obuvumu bwe, mmwagala olwa kino, kubanga musajja alina omutima nga ogwange, era nkimanyi nti ky'ekiseera essaanduuko yange ebeere bw'etyo, ng'eteereddwa wansi w'ekintu, naye Nna... ekyo si ky'ekiseera ky'ekyo okutuukawo. Nja kuleeka mutabani we akikole, naye sijja kuganya mutabani we akikole."

Awo wano Nasani n'ajja ne, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, Dawudi, okubikkulirwa okw'amaanyi kwe wafunye kukyamu nnyo nga bwe kyali bwe waleeta essaanduuko waggulu." (Uh-huh! Uh-huh! Mulaba?) "Tokikola. Tokigezaako! Naye Katonda yagambye nti Ajja kuleka mutabani wo akikole.'" Awo! Mulaba? Awo wetuli!

96 Dawudi yali afukiddwaako amafuta okwogera ekyo kubanga yali yasobola okukirabirawo, era nga Ibulayimu bwe yanoonya Ekibuga ku nsi. Mumanyi, yali akinoonya kubanga olunaku lumu yali agenda kubeera wano, Ibulayimu ali mu Kibuga ekyo. Era yagenda ng'atambula akinoonya. Era ku takka lye limu wennyini we yali anoonyeza, kyali kimuli waggulu mu kiseera ekyo, era ajja kukomawo mu kufuga kw'emyaka olukumi era ajja kubeera mu Kibuga ekyo. Naye engeri gye yali nnabbi, yali yayawulibwa era ng'aluŋŋamiziddwa, yakimanya nti waaliyo Ekibuga awantu awamu, era yali akinoonya. Naye, olaba, okubikkulirwa kw'akyo kyonna kwamukwekebwa. Tekyali kya mulembe gwe. [Bbanga jjereere ku lutambi - Muk.] ...okutuusa ku Yokaana, awo bwe yakiraba nga kikka okuva eri Katonda mu Ggulu. Ekyo kye kyali Ekibuga.

97 Mulaba, buli kimu kirina okubeera mu biro byabyo. Osimba eŋŋano yo mu mbeera y'obudde awo obutiti nga bw'akaggwa ate nga akasana tekannajja era...oba mu mbeera y'obudde ey'obunnyogovu ate n'ogisala mu kasana. Mulaba? Kirina okujja okuyita mu kiti ky'eŋŋano, kati awo ne kivaayo okuyita mu luyange era n'ekisusunku, era okutuusa mu... kirina okubeera mu biro. Obutonde bwonna butambulira mu mitendera gya kweyongerayongerayo. Omwoyo wa Katonda ye yakola obutonde, era Katonda yenna n'obutonde buli mu kweyongerayongerayo. Ebintu byonna ebiteekebwa mu Yeekaalu yali nkola ey'ekyo kye yalaba mu Ggulu.

98 Olaba omuti nga gulafuubana okugezaako okubeerawo, ekyo kitegeeza nti waliyo omuti ogutafa. Olaba omuntu ng'alwanirira obulamu, kiraga nti waliyo ensiisira erinze awantu awamu etafa. “Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eggwawo tulinayo endala etulindiridde.” Taata omulungi ow'omu Ggulu yanzikiriza okutambulirako emabega w'olutimbe olwo olunaku lumu era ne ndulaba. Bameka abaawulira...?...Mulaba? okutunula okusukka olutimbe lw'ebiseera. Eyo kyali kye kimu nga bwembuulira gye muli mmwena, eyo baayimirira. Emmeeme wansi wa woolutaali, nga zikaaba, “Kutuusa ddi?” si lufumo bufumo, omuntu eyalina amagezi: “Kutuusa ddi, Mukama?” Mulaba? Nga naffe ekyo tukiwulira kaakati, ng'omulembe gwaffe, ng'Ow'oluganda Bill Dauch atudde wano ku myaka kyenda mu esatu. Waliwo ekintu ekiyaayaanira omusajja oyo omuto nate. Waliwo ekintu...Osobola okuwaayo kyonna. Nga nnandikyagadde. Ow'oluganda Jack, era n'abala fenna. Okuddayo, ow'Oluganda Gerholtzer, ali wano, ofuuka omusajja oyo omuto nate. Kiki kye twagala okukikozesa? Okubeera omuto era oddemu okutambulatambula nate? Nedda, Ssebo! Kubanga tuwulira twandibadde n'obudde obumala okugulumiza Katonda ono gwe twagala.

99 Era baganda bange abagalwa, nnina Obubaka buno amakya ga leero, waliyo ensi okusukka omugga eyo gye bayita empooma emirembe gyonna. Eyo tujja ku mugulumiza Ye okuyita mu mirembe, era emirembe gyonna, era n'Obutaggwaawo. Lwaki ekyo tukiwulira? Kubanga obuziba bukowoola Obuziba. Era kasita waba nga waliwo obuziba obuyita, walina okubeerawo Obuziba okwanuukula eri okuyitibwa okwo oba tewandibaddewo kuyita. Nga tewannabeerawo butonde, walina okusooka okubeerawo Omutonzi atonde obutonde, oba tewaliiyo...ekyo kiraga obukakafu bwennyini nti waliyo.

100 Mwetegereze Bakabona bano, bonna bali wabweru w'ekituufu. Mwetegereze amafuta, kale, tewali kikyamu ku mafuta. Kye kimu nammwe Abapentekooti, naye mutunuulire mukutu ki gwe mutambuliramu kaakati. Ennaku zikyuse okuva ku Pentekooti, ekintu ekirala ku lwaffe. Singa tewaaliwo nnabbi mu nsi, oba oli awo Dawudi yandibadde mutuufu. Ekyo kituufu. Naye waaliyo Nasani nga akakasiddwa, ayawuliddwa, ng'ajjuliddwa Katonda okubeera nnabbi.

Mwetegereze! essaanduuko mu Baibuli bulijjo kifaananyi ky'Ekigambo gye tuli, kubanga kyali Kigambo kya Katonda mu ssaanduuko. Era yali...Mwetegereze essaanduuko gye baaleeta waggulu, mulabe engeri gye baakikolamu. Teyateekebwa mu kifo kyayo ekyasooka Ekifo kya Katonda kye yagiteerawo. Kale nno, Katonda yagamba emabega eno mu Mateeka nti eteekeddwa... engeri gye kirina okukolebwamu, engeri essaanduuko eno gy'erina okutambuzibwamu, era ani alina okugitambuza. Naye Dawudi, wansi w'amafuta ge...

101 Muganda wange, kino tokisubwa. Era ne bannyinaze, mmwe abakazi abaagala okubuulira enjiri era n'ebirala byonna, kino temukisubwa. Si songa amafuta go mangi kwenkanawa, olina okubeera mu kifo kya Katonda ky'Ataddewo. Amafuta ga Dawudi tegaaliko buzibu, naye mu kukikola yakyamuka nnyo era n'asukka we yandikomye. Kiki kye yakola? Yabuuka ensalosalo. Mu kifo ky'okuteeka essaanduuko mu kifo kyayo ekyasooka, yagitwalira ku kigaali ekiggya wabula si ku mitima gy'Abaleevi. Yali eteekeddwa kusitulibwa ku bibegaabega by'Abaleevi, ekiri awo nga waggulu w'omutima. Ekigambo tekiri mu ndowooza, kiri mu mutima! “Si ku kigaali ekiggya.” Kyali kiki ekyo? Kyali kikiikirira ekintu ekipya, Dawudi kye yakola eyo, yayogera ku buli kibiina kya ddiini kyonna ekyali kibaddewo. Ekigambo kya Katonda tekirina kubeera nga kyetikkibwa bakulembeze ba ddiini mu ggwanga oba ba bisopu, era n'abalala, eb'ebibiina by'amaddiini. Kiri kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu mu mutima gw'omuntu, wabula si mu mugendo gwa ddiini. Omwoyo Omutukuvu kya muwendo ky'okwagala kwa Katonda mu mitima gy'abasajja era n'abakazi okugonda. Mulaba?

102 Kyali ku bibegaabega by'abaweereza Be, abaweereza Be baali ba Leevi. Baagiteekanga ku kibegaabega kyabwe ekya kkono era ne batereka essaanduuko eyo bwe batyo, kubanga kyali ku mutima gwabwe. Baalina omugugu gw'Ekigambo ku mutima gwabwe. Amiina! Kaakati ggwe olina mugugu gwa

kibiina kya ddiini ku mutima gwo, omugugu gw'ekibiina kyo mw'okuŋŋaanira: oba ogenda kukizimba *kino*, oba okukola *kiri,* oba okukola ekintu ekirala. Omugugu gwa bameka boogenda okuleeta mu ddiini yo; mu kifo ky'omugugu gw'Ekigambo kya Mukama, okutuusa abantu bwe banaalaba Ekigambo kya Katonda kyokka era nga tewali kirala. Wabula ogutadde ku kigaali ekipya kaakati. Mulaba? Bali mu kukiteeka waggulu wano mu kakiiko akatwala amadiini mu nsi (Ecumenical council), ku bibegaabega. Ssaagala kufuuka mukolokosi, era leka Katonda annyambe kaakati. Nkubuulira Mazima.

103 Kaakati, kisikiriziddwa ebikwate n'obukiiko obufuga amadiini (Ecumenical councils) Ekigambo, Ekigambo ekituufu eky'ebiseera by'omulembe ogwo kyagaanibwa, kubanga baalina okukyamuukirira kungi nnyo. Naye Dawudi, Kabaka eyafukibwako amafuta...Yali kabaka, naye yali *kabaka* eyafukibwako amafuta. Ogamba nti, "Nze ndi muweereza, aliko amafuta." Olwo nno sigala nga oli muweereza, togezaako kubeera nnabbi. Mulaba? Bw'oba oli mubuulizi wa njiri, sigala nga oli mubuulizi wa njiri.

Jjukira Uzziya, mu nnaku za Isaaya, kabaka omuto...nnabbi omuto. Uzziya yali musajja w'amaanyi, omusajja eyafukibwako amafuta, Katonda yamuwa omukisa; yalina omukisa. Weewaawo, nnabuulirako kw'ekyo wano omulundi gumu. Era olunaku lumu yeeyimusa nnyo okutuusa bwe yalowooza nti asobola okutwala woofiisi ya kabona, era n'atwala omuliro era n'ayingira munda maaso ga Mukama. Era...Abo bakabona ne bamugamba, "Tokikola ekyo, Uzziya!" Naye ye ne yeegulumiza. Nnabbi yali talina ky'asobola kumugamba. Bakabona baali bamanyi ekifo kyabwe, baali bakuuma ekifo kyabwe, n'agamba nti, "Ekyo si ky'ekifo kyo, Uzziya. Tokikola, ekyo!"

104 Kale, yabaleetera "Okubunira!" era n'agenda ne-n'omuliro, munda okuwaayo, n'atwala omulimu gwa kabona; yali yafukibwako amafuta okubeera kabaka, si kabona. Era Bakabona abo baali bagezaako okumugamba, "Oli kabaka wa kitalo, wafukibwako amafuta, Katonda kirungi atuwadde omukisa okuyita mu ggwe. Naye ggwe oli kabaka, si Kabona."

Ate mmwe abasumba temubuuliranga nnabbi ky'ateekeddwa kukola, oba mmwe ababuulizi b'enjiri okubuulira omusumba. Mulaba, buli muntu alina woofiisi ye singa abeera agye kkaanyizza obulungi.

kaakati awo n'ayingira munda n'omuliro, era n'akubibwa n'ekigenge n'afa.

105 Kaakati wuuno Dawudi, kabaka. Dawudi agezaako okukola ekintu kye kimu wano. Akyetaddeko. "Kale, ekyo kirungi, tulina okugenda." Yatunuulira abantu okubeetoolooza amaaso, "Kiki ky'ogamba, omukulu w'enkumi? Olinawo omutwalo."

"Ekitiibwa kidde eri Katonda, Dawudi, mpulira Omwoyo." Oh, yakikola! Yakiwulira. "Kiki ky'olowooza, Dawudi? Okiwulira?"

"Ekitiibwa kidde eri Katonda, kyonna kindiko! Leka tukikebere era tulabe oba nga kituufu, leka katulabe. essaanduuko eteekeddwa kubeera wa?"

"Naffe! Erina kubeera mu masekkati gaffe."

"Ani gwe tulina okwebuuzaako? Mu mazima, essaanduuko." Ekintu kye kimu kyennyini nga ettaka eryo bwe lyali erya Isiraeri mu kifo ky'Abafirisuuti. Ekyo kituufu, lyali lwabwe. Era, nga bwe mpulira amafuta, nange."

Abakulu b'enkumi, ekibiina kyonna, "Ekitiibwa kidde eri Katonda!" ne bakuba mu ngalo era ne baleekaana, era ne bazina, ne babuuka waggulu ne wansi.

Baalina Omwoyo, naye olowooza Taata kiki kye yali alowooza? "Nga ntumye Nasani, nnabbi ali wammanga eyo! bamanyi eky'okukola, era ne Dawudi, naye kaakati yenna akyamuukiridde bukyamuukirizi n'abuuka ensalosalo ze n'agenda okukikola *kino*."

106 Kale, mwetegereze, "mugisitulire ku bibegaabega" ye yali enteekateeka ya Katonda eyasooka. Waliwo *ebiteekeddwa okukolebwa* bitaano. Njagala bino mu biwandiike, bwe muba...bwe muba nga muwandiika.

Era ziri eddakiika abiri, eddakiika nga abiri n'ekintu eziyise ku ssaawa ennya, n'olwekyo ŋŋenda kugezaako okumaliriza we zinaawerera ettaano, bwe kinaasoboka. Nja kwanguwa nnyo nga bwe nsobola.

Si nsonga omuntu mwesimbu kyenkana wa mukuweereza Katonda, si nsonga mwesimbu kyenkana wa, aliko amafuta genkana wa, oba Mupulesibataliya kyenkana wa Mubaputisiti, Mupentekooti; sinsonga oba oli bisopu, mudiikoni, kyonna ky'oli, Musumba, Mubuulizi wa njiri, Nnabbi, kyonna kye kiyinza okubeera; waliwo ebiteekeddwa okukolebwa bitaano ebiteekeddwa okusooka okulowoozebwako. Si nsonga amafuta genkana wa, kirabika bulungi kwenkana wa, engeri abantu gye baleekaanamu, byonna Omwoyo by'akola, waliwo ebiteekeddwa okukolebwa.

107 Kaakati, baganda bange, nga bwe mutegeka empapula zammwe, musobola kaakati okutegeera ensonga lwaki? Kaakati mujjukire, mwenna mulowoozezza, era musomeseddwa mu mmwe, si...(mulaba,

njogera okwetooloola eggwanga lyonna)...nti nze ssakkiririza mu kwogera mu nnimi. Nzikiririza mu kwogera ennimi, wabula osobola okwogera mu nnimi ng'ate tolina Mwoyo Mutukuvu. Abakkolinso ekisooka 13 wagamba nti, "Newankubadde nga njogera mu nnimi ez'abantu era n'eza bamalayika, ssirina kyendi." Mulaba? Ago mafuta ag'Omwoyo Omutukuvu, ekyo tekirina we kikwataganira na mmeeme eri munda mu ggwe. Osobola okwogera mu nnimi ate n'ogaana Ekigambo. Nkirabyeko nga kikolebwa, era nammwe mukiraba. Mulaba? Omukazi ayinza okubuulira Enjiri...Mulaba? Basobola okukola byonna...ne basalako enviiri zaabwe, era nga bakyaleekaana n'okwogerera mu nnimi era n'ebirala byonna. Uh-huh, ekyo kituufu ddala. Oteekeddwa okutereera obulungi n'Amazima g'Ekigambo.

108 Mwetegereze! Si nsonga omusajja mwesimbu kyenkana wa, si nsonga Katonda amukozesezza mu maanyi kyenkana wa, si nsonga kiki ky'ali, ateekeddwa okubeera kino: ateekeddwa...ekintu ky'ayogerako kiteekeddwa okuba nga kikwatagana n'obudde bwa Baibuli. Omuntu omu ayinza okugamba nti, "Kale, Musa mu nnaku ezaayita." Musa kye yakola nkimanyi, naye ekyo Katonda si ky'Akola olwa leero. "Kale, emabega eyo, emyaka amakumi asatu egiyise, Luther yagamba nti..." Ekyo kiyinza okubeera ekirungi, naye ekyo si ky'Ali mukukola kaakati. "Kale, emyaka ana egiyise, Pentekooti yagwa." Naye ekyo si ky'Ali mu kukola olwa leero. Mulaba? Kiteekeddwa okubeera nga kikwatagana n'obudde.

Kiteekeddwa okubeerawo okusinziira ku Kyawandiikibwa. Eky'okubiri, kiteekeddwa okubeera mu biro. Eky'okusatu, kiteekeddwa okubeera mu ngeri Ekigambo kya Katonda gye kyakyogeramu nti bwe kirina okubeera.

109 Era mugamba nti, "Ekitiibwa kidde eri Katonda! Omwoyo Omutukuvu yanguddeko, Alleruuya, mu ngeri y'emu nga bwe Yakola ku lunaku lwa Pentekooti." Naye ekyo kiyinza okubeera eky'enjawulo olwa leero. Yagwa ku Dawudi, naye, si bwe kiri? Mazima, ya mugwako. Yagwa ku Uzziya, naye kyali kikyamu! Mulaba, olina okugenda ebuziba okusinga ku ekyo kaakati. Mulaba? Olina okugenda ebuziba okusinga ku ekyo. Kaakati, temunyiga, mubeere bawombeefu.

Era mwetegereze, era kiteekeddwa okujja eri omusajja Katonda gwe Yeelondedde. Si alondeddwa ekibiina ky'eddiini, si alondeddwa abantu, wabula okusinziira ku kulonda kwa Katonda. Era bwe buba nga bubaka okuva eri Katonda, obw'okubikkulirwa okw'amaanyi okuva eri Katonda, buteekeddwa kujja eri nnabbi We. Kaakati, oba mwagala Ekyawandiikibwa ky'ekyo, kiri mu Amosi 3:7 Mulaba? Kaakat, kiteekeddwa.

Waliwo ebintu bitaano bye kiteekeddwa okubeera: kiteekeddwa okubeera mu biro. Kiteekeddwa okubeera mu kiseera Katonda kye Yagamba nti mwe kirina okubeera. Kiteekeddwa okubeera nga kiwandiikiddwa mu Kigambo kya Katonda. kiteekeddwa okubeera mu biro by'obudde bwa Katonda, mulaba. Era kiteekeddwa okubeera nga Katonda Y'akironze.

110 Ate Katonda teyeetaaga muntu yenna ku ffe okumuvvuunulira Ekigambo Kye, Katonda Yevvuunulira Ye. Teyeetaaga Sseminaaliyo zaffe. Teyeetaaga magezi gaffe, tegaliimu nsa. Mulaba? Kaawa ago yagafuna, uh-huh, era n'asubwa okuvvuunulwa ku lw'amagezi ge.

Ogamba nti, "Oh, mulenzi, omwami oyo musajja mugezi." Kale, ekyo tekirina kye kitegeeza kyonna. Mazima. Akabu yali musajja mugezi. Berutesazza yali musajja mugezi. Setaani ye yali asinga obujagujagu era n'obubi, obukalabakalaba, tewali yadde n'omu ku mmwe eyali asobola okumuwangula, tewali yadde.

Nze ssesigama ku...yadde...tewali magezi, wabula nneesigama ku Katonda. Mulaba? Katonda ali atya? Ye Ye Kigambo. Era awo Katonda avvuunula atya Ekigambo Kye Ye? Muwulirize n'obwegendereza kaakati, ebintu bino temubisubwa. Katonda avvuunula atya Ekigambo Kye kyennyini? Ng'ayita mu kukituukiriza, si *kimu* kyokka wano, naye kyonna eky'ebiro ebyo.

Ssi kugamba nti, "Nuuwa genda wabweru obuulire, oluŋŋamiziddwa," naye, "Zimba eryato, liteekemu enziji, lukole *bw'oti* era ne *bw'otyo*." Watya singa yateeka oluggi waggulu mu kifo ky'okuluteeka ku ntobo? Watya singa eddirisa yaaliteeka ku ntobo, oluggi waggulu? Mulaba? Kirina kulagirirwa okusinziira ku biseera, kubanga Katonda ekyo kyennyini ky'Agenda okulukozesa. Kiteekeddwa kubeera bwe kityo, era kirina okujja nga kiyita mu kuluŋŋamizibwa.

111 Lumu nnawulira omwami ng'ayogera, yagamba nti, "Nzikiriza nti omusajja oyo asabira abalwadde, nzikiriza nti kirungi. Naye ku ky'okubeera nnabbi," n'agamba nti "Nzikiriza nti nnabbi wa Katonda; naye ng'omusomesa, lwaki, wa ba Yesu yekka."' Kiki...Muntu kika ki gw'oyinza okuyita ekyo? Omusajja atamanyi kiki ky'ayogerako.

Ekigambo kyennyini *nnabbi* kitegeeza nti "ye mubikkuzi w'Ekigambo kya Katonda," okuvvuunula kujja eri ekyo kyokka. Era ekyo y'ensonga lwaki olwa leero tuli mu bwetaavu obw'amaanyi obw'omuntu ono ow'amaanyi ateekeddwa okutumibwa gye tuli mu kifaananyi kya nnabbi Eriya, kubanga kujja kubeera kubikkulirwa kwa Katonda okututegeezeddwa okuyita mu kukakasibwa, ng'akiraga nti lwe lunaku era y'essaawa era by'ebiro Katonda mmwe yakisuubiriza okubeeramu. Era, mujjukire, bajja kumwogerera bubi; bulijjo bwe kibadde, bulijjo bwe kijja okubeera. Agaanibwa, ng'ekisusunku bwe kijja okusika...Okusooka

ajja kukkirizibwa, kubanga ekisusunku kisobola okukuuma eŋŋano eyo okutuusa ng'esobola okutuuka ku musana. Pentekooti yali eterese buteresi bubaka, okubuwa oluggi oluggule okutuusa lwe busaasaana, kati awo ekisusunku kijja kuvaawo, era eŋŋano egalamire mu Kubeerawo kw'Omwana, mulaba, okwengera.

112 Tewajja kubeerawo kibiina kyaddiini kyonna, mmwe mukijjukire. Ow'oluganda Jack wano munnabyafaayo, bangi ku mmwe wano bwe muli. Tewabeerangawo kudda buggya wabula oluvanyuma lw'emyaka ng'esatu oluvannnyuma lw'okudda obuggya ne bakitandikamu ekibiina ky'eddiini. ekyo kituufu? Era kuno okutambula kwa Katonda okusembayo okw'ebyamagero mu zino ennaku ez'oluvannyuma, kigenze mu myaka amakumi abiri; era kiri kakadde ka mayiro okuva ku kwekolamu ekibiina ky'eddiini, kibeera kyeyongerayo wala buli kiseera; ekisusunku kigenda kivaawo, tewaliiwo nkolagana, tewaliiwo kintu kyonna kiri nakyo. Mulaba? Bulijjo kyesika ne kikivaako. Tewakyasobola kubeerayo kirala, ŋŋano kaakati. Naye tetukimanyiddeeko ddala. Uh-huh. Ekyo kituufu. Erina okugalamira mu Kubeerawo kw'Omwana ekule, ky'ekyo kyonna. Tetukimanyiddeeko ddala; tetunnafuna bwesimbu, obulongoofu, ekintu kye tugwanidde okubeera nakyo mu masekkati gaffe, okumanya nti Omwoyo wa Katonda omulamu, atambula mu Kigambo Kye era ng'atulaga nti ebintu ebigenda okuggya.

113 Tulina abageegeenyi ab'obulimba abagolokoka. Kiki kye bakola? Kulimba. Baibuli yagamba nti bajja kukikola. "Nga Yane ne Yambere bwe baawakanya Musa, era bwe kityo ne mu zino ennaku ez'oluvannyuma." Mulaba? Bakola ekintu kye kimu, bajja bakigeegeenya, mu ngeri yennyini. Mulaba? Mwegendereze! Mutunuulire Enjigiriza ya Baibuli. Mutunuulire obubaka obugoberera obubonero obwo! Bukyali obubaka bwe bumu obukadde obwasooka? Mukyerabire!

Katonda yatuma eby'amagero era n'obubonero okusikiriza abantu Be basseeyo omwyo. Yesu bwe yajja ng'awonya abalwadde era n'ebirala, era ne bannabbi bwe baakola. Baalowooza nti, "Oh, ekitiibwa, Ajja, Agenda kubeera Mufarisaayo. Agenda kubeera Musaddukaayo."

Naye Yagmba nti, "Mmwe omulembe gw'emisota era n'embalasaasa." N'agamba nti, "Mmwe muli ba kitammwe Setaani, emirimu gye gye mukola." N'agamba nti, "Okuggyako nga mulidde omubiri gw'Omwana w'omuntu, era ne munywa Omusaayi Ggwe, temuli Bulamu mu mmwe." Teyakinnyonnyola. Teyalina kukinnyonnyola. Alleruuya. Ekyo kyali kya biro birala. Uh-huh. Ye Yayogera bwogezi ekyo kye Yalina okwogera nti, "Nze bulijjo nkola ekyo ekisanyusa Kitange, era okwo kwe kukuuma Ekigambo Kye. Singa sikikola, Obulamu Bwange era n'Emirimu Gyange nga tegifaanana na Kigambo Kye nteekeddwa okukola, awo temunzikiririzaamu, nga ssiri Ye; naye bwe kiba bwe kityo, awo mukkirize emirimu bwe muba nga temusobola kunzikiriza Nze," bwe Yagamba.

114 Mwetegereze kaakati *ebiteekeddwa okukolebwa* bino.

Kaakati, mulabe, Katonda yali ekintu takibabikkulidde mu ngeri Ye gy'ataddewo, yali akibikkudde okuyita mu kuluŋŋamizibwa, naye kyali mu mukutu mukyamu. Mulaba, okuluŋŋamizibwa kujja kukola bulungi, naye bwe kuba nga kuli mu mukutu omukyamu, kijja kutwalibwa mu bukyamu. Kiringa bw'okwata essasi era n'olikuba okwoleekera ekiruubirirwa, libeera ligenda awali ekiruubirirwa, naye empewo efuuwa esobola okulifuuwa n'eriggyawo. Kaakati, mu mmotoka yo, bw'okkirira ku luguudo mu mayiro nkaaga, nsaanvu buli ssaawa era omuyaga gw'empewo ne gukufuuwa, osobola okutereeza emipiira gyo n'ogikomyawo, n'oddamu mu luguudo nate. Naye tokisobola ku ssasi; teririna kintu kyonna kutereeza mipiira gyalyo bulungi, lisubwa ekiruubirirwa. Mulaba, lirina kutambulira mu mukutu gwalyo ogwasooka.

115 N'olwekyo n'Ekigambo kya Katonda kiteekeddwa okutambulira mu mukutu ogwasooka. Tewaliiwo yadde kufuuwa kwa mpewo okutono okujja okukifuuwa kukiggyako; tewaliiwo kibiina kya ddiini kitono, oba ekintu kyonna, ekigenda okukifuuwa okukiggyako; tewaliiwo kuyigganyizibwa kwonna okutono okujja okukifuuwa: kisonze ku nsonga! Kigenda kukuba awo, nakyo. Era olwo Katonda, bwe kituuka mu katundu ako, Katonda ajja kukikakasa, "Awo wennyini" Uh-huh, kyennyini kye Yagamba nti ky'Ajja okukola. Kiikino wano mu Byawandiikibwa, kino, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'kijja kutuukirira!'" Kiikino wano. Mulaba? Awo we muli.

116 Kaakati, Katonda yali takibikkudde mu ngeri Ye gye Yateekawo. N'olwekyo ne bagenda mu maaso n'okukikola wabweru w'Ekigambo Kye, era wabweru w'ebiro, mu ngeri yeemu nga bwe bakikolamu kaakati. Awo abasajja, si nsonga beesimbu kwenkana wa, bagezezzaako okumuweereza Ye wabweru w'ekkubo Lye ly'Ataddewo, buli kiseera ba byonoona. Nga Balamu, Balamu yalowooza nti aweereza Katonda.

Mulowooza Katonda alimba? Katonda waliwo kko waakyusa endowooza Ye? Kale, abantu olwa leero beeyisanga bwe Yakola. Bwe Yagamba abakazi obutasalako nviiri zaabwe; bagamba nti, "Tusobola okuzisalako, musawo gundi ne gundi yagamba nti tusobola. Ow'oluganda gundi ne gundi yagamba nti ggwe obwongo bwo bufunda nnyo." Uh-huh, uh-huh. Mulaba?

"Kale, *kino* kisobola okutuukawo? Kino okutuukawo?" *Kino* okutuukawo

"Weewaawo, uh-huh, gundi ne gundi bwe yagamba."

Katonda takyusa ndowooza Ye.

117 Mukkiriza nti Balamu yali nnabbi? Baibuli yagambye nti yali, mukkiriza nti yali nnabbi? Kaakati, mujjukire, Balaki yajja gy'ali n'amugamba nti, "Serengeta wammanga eyo okolimire abantu bano, kubanga bona bajjudde mu bwenyi bw'ensi. Bo si na kibiina kya ddiini, si ggwanga, kabinja k'abantu abasaasaana; ate ffe ab'ebitiibwa abomu nsi eno. Kaakati ggwe kkirira eyo okolimire abantu abo, nja kukisasulira."

Era Balamu n'akola ekyo kyennyini nnabbi ky'ateekeddwa okukola, Y'agamba nti, "Sijja kugenda. Ggwe sooka olindire wano, okuyita mu kiro, leka ndabe kiki Katonda ky'Agamba okukola."

Bwe kityo awo n'ayingira munda, n'agamba nti, "Mukama, waliwo abantu abamu abali wano wabweru abazze gyendi, baagala nze nzikirire wammanga era nkolimire abantu abalala wammanga eyo." N'agamba nti, "Kiki ky'Oyagala nkikolere?"

Katonda n'Amugamba nti, "Togendayo, kubanga abo bantu Bange!"

Balamu n'afuluma wabweru, n'agamba nti, "Muddeeyo mu nnyumba zammwe. Sisobola kugenda wamu nammwe, Katonda aŋŋambye nti sikikola." Kaakati, kiikyo awo Ekigambo kya Katonda ekituufu: "Togenda!"

Kale, awo ne baddayo, ne bagamba nti, "Omanyi, bisopu wo tasobodde kuwuliriza."

"Kale," Kabaka n'agamba nti, "mbabuulire kye tuba tukola. Yeetagayo ku sente entonotono, nzikiriza ekyo kijja kumusendasenda. Oba oli awo nja kumufuula omukulu w'eddiina mu ggwanga, oba oli awo mbeeko eky'okukola eky'amaanyi kye mmufunirayo. Nnyinza okumufuula bisopu, temuyinza kumanya kiki kye nnyinza okukola. Wano,nja kubabuulira kye ŋŋenda okukola. Bantu mmwe temwasoma kimala kumusendaasenda mu ngeri yonna; ebyo *ebibye* ne *sijja*, era ate *kima* era *situla*, si bituufu. Tajja kusobola kubawuliriza, tujja kusindikayo wammanga eyo ekibinja ky'abaasoma, ab'ebitiibwa abasingako."

118 Ne baserengeta wammanga eyo, n'agamba nti, "Musawo Balamu, *Musawo* Balamu, nkulamusizza. Nkuleteera okulamusa okuva eri Kabaka."

"Mwasuze mutya, ab'oluganda." Mulaba?

"Kaakano, Musawo Balamu...." era, oh, ebigambo ebyo, engeri gye byafukibwawo. Era n'agamba nti, "Kaakati, kabaka agambye ajja kukugulumiza, era ajja kukuwa ekitiibwa eky'amaanyi. Era, omanyi, bakuwadde sente nnyingi nnyo okutwala omulimu guno, naye Kabaka agambye nti ajja kuzikubisaamu, emirundi esatu, emirundi ena, singa onajja n'ozitwala." Awo, Balamu engalo ne zitandika okumusiiwa bambi. Yafuna ebirowoozo eby'ekisiru era n'asiikuula ebirowoozo bye.

Kaakati, mujjukire, kyamuleteera okuyita Katonda, afukiddwaako amafuta, naye yasiikuula Katonda n'amujja ku nteekateeka eyasooka. Era ekyo kyennyini Abapentekooti kye bakoze! Okubeera ab'ettutumu, mmwe ab'Obumu (Oneness), mmwe ab'Obusatu, olw'okunoonya ettutumu mwekolamu ebibiina by'amadiini okubeera ab'enjawulo, mwekolamu ebibiina era muli bafu! Temuliddamu kuyimuka nate. Naye mulaba, mwali muteekeddwa okusigala n'ekyasooka ekya Katonda. Yabasika okubafulumya mu kkuŋŋaaniro eryo abafuule abantu, naye ne mwekolamu ebibiina era ne muddayo mu bisesemye bye bimu (munsonyiwe mu) mu bintu bye bimu ebyo bye mwavaamu, "Ng'embwa bw'eddiŋŋana ebisesemye by'ayo era n'embizzi bw'eddayo okwevuluunga mu bisooto." Munsonyiwe okuba ng'ekyo nkyogedde, munsonyiwe, ekyo si kirungi ku kituuti wano. Mulaba? Ekyo nkyogeredde mu mubiri. Mwetegereze kaakati e...nti ekyo kye ntegeeza, eri ebisesemye. Mbadde nteekeddwa ku kyogera bwe ntyo. Ekigambo kibadde kituufu, naye ne nkikozesebwa bubi. Mulaba? Kyakozesebwa bulungi, naye kiwulikika bubi, mumanyi. Ebisesemye, "Ng'embwa bw'edda mu bisesemye by'ayo."

119 Singa ab'Assemblies of God, Akakiiko ka Wonna, baategeka Pentekooti mu kifo ekisooka era ne babayingiza mu ekyo mbu baleme okukkiriza okubikkulirwa, temukimanyi, ab'Obumu, mukoze ekintu kye kimu. Muyinza mutya okukkiriza Obubaka obwe "ensigo y'omusota, obukuumi Obutaggwaawo," era n'ebintu bino ebirala ebivuddeyo? Mwekolamu nnyo ekibiina okutuusa nti temusobola na kukireka kuyingira mu miryango gyammwe, uh-huh, uh-huh, ekintu kye kimu nga Balamu kye yakola. Naye ate Katonda teyakyusa ndowooza Ye.

120 N'olwekyo Balamu n'agendayo era n'agamba nti, "Mukama, kaakati labayo, nfunye nange omukisa okubeerako kye nfuuka. Omanyi mbadde sirina kyendi, naye nfunye omukisa okubeerako kye nfuuka. Kiki ky'Okyogerako kaakati, Mukama?" Kaakati, ekyo teyandikyogedde! Yali amanyidde ddala Katonda ky'amugambye okukola!

Bwe kityo nammwe mwenna bwe muli ababatizibwa mu linnya lya "Kitaffe, n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu," ku zino ensonga endala eza Baibuli eziteekeddwa okubeera mu zino ennaku, mumanyi eky'okukikolera, kiri nti mukikkirize! Nga mukirabira ddala nti Katonda akikakasa nti "ge Mazima," Katonda ng'avvuunula Ekigambo Kye. Naye munaakikola? Nedda, ekibiina kyammwe tekijja kubakkiriza kukikola!

121 Bangi ku abo abaweereza eyo mu Tucson abawuliriza amakya ga leero. Ow'oluganda Gilmore, sikulinaako nsonga yonna; Ow'oluganda Brock, First Assembly, era ne Friendly church. Basajja mmwe, nnali eyo ekiseera kyonna, temwanzikiriza yadde okuyingira. Mazima nze...temwasobola, temusobola era ne musigala nga bwe muli. Temusobola kukkiriza kubikkulirwa, kubanga muli kibiina kya ddiini. Era muwulirize, mu ngeri yeemu nga Uzziya bwe yattibwa kubanga yali wansi w'okwo okuluŋŋamizibwa okw'obulimba, era bwe kityo n'Ab'abakristaayo bangi ab'amazima abafiirwa obumanyirivu bwabwe emabega eyo mu bibiina by'amadiini ebifu, kubanga bateeka emikono gyabwe ku ssaanduuko ng'ate tebaayawulibwa kukikola ekyo. Kale nno musobola okukikkiriza, oba mukigaane, ekyo kiri gye muli. Katonda ye Mulamuzi wammwe. Katonda tazzaangayo Kigambo Kye. Kye yasooka okwogera, ky'Ayogera buli mulundi.

Yagamba Balamu, “Togendayo!”

Naye ate Balamu n'akomawo, n'agamba nti, “Naye Mukama, nnyinza okugenda?”

Kaakati mulabe! Katonda Yagamba, “Gendayo!” Kaakati, Yamuwa olukusa okugenda. Waliwo Katonda lwamala galeka ekintu kibeerewo, naye nga si kwe kwagala kwe okwasooka. Mulaba omutawana gwe yayingiramu?

122 Era omusajja yenna azimba ekintu kyonna, ekibiina kyonna, oba ekintu kyonna nga kiri wabweru w'Ekigambo kya Katonda, ogwo musenyu ogukulukuta era kijja kugwa! Kijja kufa mu mazima ng'ekintu ekirala kyonna, kubanga Ekigambo kya Katonda gwe mubiri gw'Omugole ogukula. Tekisobola kyonna kubeera kigere, kyonna nga mukono, kyonna nga kisambi. Ebintu bino bijjira mu biro byabyo.

Era Pentekooti, yonna mwagifuula kintu kimu, n'olwekyo temusobola kukkiriza kubikkulirwa kuggya. Eyo y'ensonga lwaki musigala awo wennyini we muli era ne mufa. Kyeyongerayo. (Bingi nnyo; ssaagala kubakooya.) Naye Katonda takyusa ndowooza Ye, okusalawo Kwe okusooka kwe kubeerera ddala okutuufu. N'olwekyo Katonda takyusa ndowooza Ye, Amala gakuleka ne weeyongerayo mu kwagala kwo kw'oyagala. “Katonda Ye Katonda omulungi,” nga Oral Roberts bw'agamba. Era Ye Katonda ow'entiisa!

123 Labayo, kiringa bw'ogamba nti, “Ekitiibwa kidde eri Katonda, njagala kwogera mu nnimi!” Ajja kukuleka okikole, naye ako si kabonero nti olina Omwoyo Omutukuvu.

Mujjukire Tomasi kye yayogera. Oyo abuusabuusa ow'edda? “Okuggyako nga nfunyewo obukakafu bwonna, nnina okufumita engalo zange mu bituli by'emisumaali Bye, mu mikono Gye, era ne mu ludda Lwe, nze-nze-nze-nze sisobola kukikkiriza yadde.” Kaakati, awo we muli, ekintu kye kimu.

Yesu Yagamba nti, “Nzuuno wano, Tomasi, fumita engalo zo munda wano bwe kiba nga ekyo ky'oyagala okumanya.” Mulaba? Mulaba? Kaakati, bwe muba nga mwagala kkubo lya Tomasi, mugende mu maaso. Wabula kiki kye Yayogera? “Yenkana wa obunene empeera y'abo abatalabanga kyokka ng'ate bakkiriza.”

124 Mwetegereze, mwetegereze, mu kukola kino, yaleetera omusajja omwesimbu okufa; okuteeka emikono gye ku ssaanduuko ng'ate yali tateekeddwa kukikola. Omusajja omwesimbu ow'amaanyi, lowooza amafuta era n'ebirala byonna byali bituufu, naye essaanduuko yali atambuzibwa mu ngeri nkyamu. “Ente ennume,” Baibulu egamba nti, “yeesittala,”si Abaleevi. Ente yeesittala era ekigaali kyali kigenda kugwa; era omusajja omwesimbu, n'omutima gwe nga gujjudde okwagala, yateeka omukono gwe ku ssaanduuko okugitereeza, era n'akubibwa n'afa kubanga tewali musajja yali ateekeddwa kukwata ku ssanduko eyo okuggyako Omuleevi. Mulaba engeri Katonda gy'akuumamu Ekigambo Kye, Akuuma emikutu Gye, Akuuma enkola Ye? Uzziya yakubibwa n'ekigenge. Wuuno Dawudi, yennyini yaleetera okufa kw'omusajja, era akibamba aky'amaanyi; olw'okubeera nga bafukiddwaako amafuta n'Omwoyo, bombiriri, naye wabweru w'omukutu gwa Katonda. ekyo kituufu? Yafa. Oh, kyatiisa nnyo Dawudi, erinnya ly'ekifo ne liyitibwa ng'Ow'oluganda Jack bwe yakisomye. Mulaba? Ye yamulambira awo.

125 Mirundi emeka ebibiina by'amadiini gye bikoze ekintu kye kimu eri abakkiriza abeesimbu. Ekkanisa Enkatolika, Abamesodisti, Ababaputisiti, ekkanisa ya Kristo, wamu n'Abapentekooti, bwe baleetedde okufa okw'omwoyo okungi n'ekintu kye kimu ekyo. Bwe kituuka, wamu n'ebintu bino, baasanga...era tebakyasobola kweyongerayo wala, kubanga ekyo ekibiina kyabwe kye kikkiriza.

Mulabe olwa leero, enkuŋŋaana z'enjiri ey'ebweru ennene, ekintu ky'ekimu. Tebalina kye bakola kyonna okuggyako okubafuula “abaana ba Geyeena ab'ekubisizzaamu emirundi ebiri, nga babi nnyo n'okusinga bwe baali mu kusooka.” Kibafuula bagumu nnyo, mazima, mujje eri Amazima. Mubeere n'okumu ku kuno okudda obuggya okunene, era bonna n'ebayingira, ne babeerayo kko okumala ekiseera, ate ne baddayo wabweru ne baddamu ekibi kino kyonna nate. Ne bawulira ku kudda obuggya okulala, ne bagamba nti, “Ah, nnalinako ku bimu ku ebyo ebintu, nnagezaako. Temuli kirimu.” Mulaba? Tebamanyi mukutu. Tebalaba.

126 Nnawulira omubuulizi waffe ow'enjiri ow'amaanyi Billy Graham, olunaku lumu kumakya yatuula ku kyenkya bw'ati, era n'agamba nti, “Nze...” Wano, n'awanika Baibuli, mu Louisville, Kentucky, n'agamba nti,

*"Kiikyo* eky'okulabirako kya Katonda." Era ekyo kituufu, omusajja yayogera amazima. Yagamba nti, "Ggwe genda...Pawulo yagenda mu kibuga n'afunayo omuntu omu akyuse, n'akomawo nga wayiseewo omwaka okuva eyo nga alina abakyuse asatu okuva mu oyo omu eyakyuka." N'agamba nti, "Naye nze ŋŋenda mu kibuga era n'enfuna abakyuka emitwalo esatu, era ne nkomawo mu myezi mukaaga nga sisobola kuzuulayo yadde asatu." N'agamba nti, "Mumanyi obuzibu we buli?" N'agamba nti, "Babuulizi mmwe abanafu balugojamye," n'agamba nti "mutuula wansi nga muwanise ebigere byammwe ku mmeeza zammwe ne-ne mu kubira abantu bano amasimu mu kifo ky'okugendayo ne mubakyalira oluvannyuma lw'ekyeggulo era ne mwogera nabo."

Oh, omutima gwange gwali gubumbujja. Ne ndowooza, "O omusajjja wa Katonda ow'amaanyi, nkyawa obutakkiriziganya naawe wano, naye ani eyali omubuulizi w'enjiri omunafu lugojamye ku oyo omuntu wa Pawulo omu eyali akyuse? Kiki kye yakola, yamutwala munda mu Kigambo, yamutwala munda mu Bubaka, yamutwala eyo gye yasisinkana Katonda; omutima ggwe gwali ku muliro, yakoleeza ensi ye omuliro! Era ekintu kyokka ky'okola kiri nti bateeke mu Baputisiti oba mu kkanisa y'Abamesodisiti, oba ekintu ekiringa ekyo, tekyewuunyisa tewaliiwo kintu kyonna kya kwokya." Uh-huh. Yee, Ssebo!

127 Awo tunula olabe Ekigambo kye kisuubizza olwa leero. Leka tuzuule oba bu Mesodisiti, bu Baputisiti, bu Pentekooti, oba kiki, eky'olunaku lwa leero. Kaakati osobola okugenda n'osoma Ebyawandiikibwa byo. Mutwale ebyawandiikibwa bino bye mbadde mbanokolera. Era n'okubikkulirwa...

Singa mbadde n'obudde, nnandibisomye, naye sibulina. Nsigazzaayo eddakiika nga kkumi na bbiri oba kkumi na nnya ezibulayo. Nteekeddwa okumaliriza mu budde, ku ssaawa ttaano, bwe nnamaliriza obulungi.

128 Mwetegereze Malaki 4, okubikkulirwa 10, Envumbo Omusanvu. Baibuli teyagamba nti...kaakati mwetegereze! Waaliwo Malayika, Omubaka okuva waggulu; era n'omubaka okuva ku nsi. Era buli mubaka yali wa mulembe ogw'ekkanisa. N'agamba nti, "Mu nnaku... "ngayogera kaakati, "wajjawo Malayika, Omubaka" malayika ( [angel] kigambo kya Lungereza ekitegeeza "omubaka")."...yajja wansi okuva mu Ggulu, era n'Ateeka ekigere Kye ku nsi era n'ennyanja, era n'Alayira ku lw'Oyo abeera omulamu emirembe n'emirembe nti ekiseera kiweddeyo." Ekyo kituufu? Ne musoke okwetooloola omutwe Ggwe, era n'ebintu bino byonna nga bigenda mu maaso. Malayika Oyo yali Kristo! Mu mazima! Naye kiki kye yayogera? "Naye mu nnaku eza malayika ow'omusanvu, omulembe gw'ekkanisa ogw'omusanvu."

129 Buli kiseera kibeera ku nkomerero y'omulembe gw'ekkanisa we baafunira ekintu... eby'amadiini nga bitabuddwatabuddwa okutuusa Katonda bw'Atuma omubaka, era obwo bwe bubeera Obubaka eri omulembe gw'ekkanisa ogwo. Awo ne batwala obubaka buno, kubanga yabeerangawo akaseera katono, era Katonda...awo ne batwala obubaka bwe mu kifo ky'okusigala nga babwongerayo n'ebirala byonna nga bwe buli, bakola e-ekibiina ky'eddiini. Olwo ne bajja ne bakola ekibiina ky'eddiini ekirala; omubaka omulala, ne batwala n'omulala.

Mwenna mwakiraba mu kitabo kyange, kyonna kijja kukibibwamu Emirembe gy'Amakanisa Omusanvu, ekyo kye Yaŋŋamba; ekyo kye nnyimirira nakyo ng'obujulizi eri Katonda okusalirwa omusango lunaku olw'Omusango. Kiva eri Katonda, si mu kulowooza kwange. Mwetegereze, wano. Nnalowooza-nnalowooza mu ngeri ey'enjawulo okuva ku ekyo, singa nnali ŋŋenda kubeera n'ebirowoozo byange byennyini. Ng'Ow'oluganda Jack bwe yaŋŋamba ku Malayika eyo awo, engeri nti, "Nti Kristo yali mubiri ogugulumiziddwa." Naye si bwe kyali, kyali kiraga Obubaka nga bwe buli obutuufu, obwa Katonda obusukkulumu, yali Katonda. Mulaba? Ekintu kyennyini kye nnali mbuulira okuva mu Kigambo.

130 Kaakati, mu bwangu kaakati, nga bwe tutegeka okumaliriza mu kiseera kitono.

Kale nno, Yagamba nti, "mu nnaku ez'Obubaka obwa malayika ow'omusanvu, malayika ow'oku nsi, mu mulembe ogw'omusanvu, awo ebyama bino byonna ebibadde bubuze okuyita mu mirembe gino gyonna emirala omukaaga egy'amakanisa biteekeddwa okubikkulibwa butereevu." Ba Malayika abo ky'ekyo kyennyini kye baayogera. Zino z'Envumbo Omusanvu, oba okubikkulibwa kw'ebyama bino. Era mmwe mugezeeko okukiteeka mu maaso g'ebibiina ebyo. Okukontana ne kye...ow'Oluganda, baggalawo nga ekyo ekitonde ky'omunnyanja ekibeera mu kisonko nga olukikoonako kyeggalirayo ddala munda obutaddamu kukirabako, naye bulijjo bakikoze. Naye by'ebiro!

Bameka abakimanyi nti guno gw'emulembe gw'ekkanisa ogw'omusanvu? Mugambe nti, "Amiina," [ekibiina n'ekigamba nti, "Amiina!" -Muk.] Omulembe gwa Lawodekiya, ogw'ekibuguumirize Katonda gwe yasesema okuva mu kamwa Ke. Era nabo ne basesema Katonda okumufulumya mu kamwa kaabwe; tewaliiyo mulembe mulala gwonna mu Baibuli Yesu gwe yasangibwa nga Ali wabweru ng'Ageezaako okukonkona, akomewo munda. Baamufulumya wabweru, tewaliiwo nkolagana. Yesu Yaani! Ye Kigambo! Ekigambo kyateekebwa wabweru. Ebisusunku byasuula eŋŋano ebweru! Yagamba nti, "Nnyimiridde ku luggi era nkonkona, era omuntu yenna ali eyo ku mpiingu wabweru eyo bw'anaawulira Eddoboozi Lyange." Ai Katonda, tukwatirwe ekisa!

131 Kyali ku olwo, omusajja oyo lwe yafa, nti Dawudi n'amafuta ge yalaba ekikyamu kye yali akoze. O

Dawudi, Musumba ggwe, tosobola kulaba biyiiye byo ebifu era n'ebibiina by'eddiini by'onywereddeko? Tosobola kulaba kiki kye kikola? Kiri mu kutta Uzziya. Mufu mu Mwoyo, era weewuunya lwaki tewaliiwo kudda buggya; okuleka abakazi bammwe basaleko enviiri zaabwe, beebbyule mu maaso, bambale empale ennyimpi; ne musindika abalenzi bammwe mu masomero agali ag'abayaaye, era n'ebirala bwe bityo, eyo ekitundu ku bo gye bava nga balya ebisiyaga, era n'ebirala.

132 Mwetegereze ebiruubirirwa bya Dawudi: ssaanduuko yali agireeta mu nnyumba ye yennyini. Awo si we waali ekibuga ekikulu, ekyo si kye kyali ekifo, yali erina kubeera mu Yerusaleemi. Naye Dawudi yali agireeta mu nnyumba ye yennyini, yali ayagala okudda obuggya kubeere mu kibiina kye eky'eddiini. "Oh, bw'oba oli wa Abassembly, tekirina buzibu. bw'oba oli wa Bumu, tekirina buzibu. Bw'obeera nga oli Mupentekooti, kirungi."

Ng'omuntu omu bwe yayogera, yagamba nti, "Ow'oluganda Branham, osobola otya okuleetera omuntu okukuwuliriza?" N'agamba nti ndaba Billy Graham, ebibiina by'eddiini byonna mu ggwanga biri naye. Ndaba Oral Roberts, buli Mupentekooti yenna abeera kumpi naye. Naye." n'agamba nti, "ggwe ekintu kyonna okontana nakyo." Uh-huh. N'agamba nti, "Osobola otya ddala mu nsi okubaako omuntu yenna gw'ofuna?"

Ne mmugamba nti, "Abeera Katonda!"

"Nze Mukama nnakisimba okuva nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Nja kukifukirira emisana n'ekiro okuggyako ng'ebimu babikudde okuva mu mukono Gwange," Isaaya. "Nze nja kukifukirira, Nze nnakisimba. Nnateeka amannya gaabwe mu Kitabo nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo, okuyita mu kuteekerwateekerwa. Nja kukifukirira, gwe sigala ng'ogenda mu maaso. Nja kugabirira amazzi, gwe gafukirire bufukirizi wabweru." Kituufu. Mulaba? "Nze nja kukifukirira emisana era n'ekiro okuggyako nga waliwo ekimu ku kyo ekisiguliddwa okuva mu mukono Gwange." Awo we muli.

133 Njagala ejje mu kibuga kya Dawudi, mu kifo kya Yerusaleemi. Eyo waali tewaliiyo kifo kyayo kitegeke mu kiseera ekyo, era bwe kityo bwe kiri n'olwa leero. Ebyama bino eby'amaanyi ebibikkuddwa okuyita mu Nvumbo Omusanvu, tebirina kifo kyonna mu kibiina ky'amadiini kyonna...mubeera mulina okuva ku by'okubeera ekibiina ky'eddiini okusobola okubitwala. Okuviira ddala ku Luther okuserengeta ku Bapentekooti ab'Obumu, tewaliiwo kifo kiyinza ku kisembeza. Newankubadde omuntu okusobola okukifuna ate era n'asigala mu kibiina kye eky'eddiini. Ajja kuba alina okugoberera eŋŋano oba agende n'ekisusunku, ekimu ku ebyo ky'abeera ayagadde okugoberera.

134 Kristo Y'Essaanduuko yaffe, Ekigambo. Bo baagala bibiina bya ddiini byabwe. Tasobola, weetegereze, tesobola kwetikkibwa ku bigaali biggya, Obubaka bwe tebusobola kugenda ku kigaali eky'ekibiina ky'eddiini ekiggya nga buteekeddwa kusitulibwa era bujje ku mutima gwa nnabbi. Tebusobola. Yakisuubiza, kijja kubeera bwe kityo, era eyo y'engeri gye kiteekeddwa okubeeramu.

N'olwekyo ekibiina ky'eddiini tekiribusembeza, oba bo okubusembeza. Bazibe ba maaso nnyo gye buli ng'Abayudaaya bwe baali nga batuga Yesu ku musalaba, awo Yesu bwe yagamba nti, "Kitange, basonyiwe, kubanga tebamanyi na kumanya kye bakola." Tobanyoma, naye lowooza bulowooza: watya singa naawe wali mu mbeera yeemu ng'amaaso go mazibe nnyo nti tosobola ku'6zuukuka kulaba kigenda mu maaso?

135 Newankubadde bo okusobola okulaba nti oyo ye Yali Katonda waabwe yennyini. Bwe Yali ng'aleebeetera waggulu ku musalaba, era nga bo bayimba Zabuli eya 22 mu Yeekaalu, mu buwanvu bwa yaadi ebikumi bibiri okuva awo we baali, "Katonda Wange, Katonda Wange lwaki, Ggwe onjabulidde? Baafumita ebigere Byange era n'Emikono gyange." Mulaba? "Amagumba gange gonna, gantunuulidde. Lwaki Ggwe onjabulidde?" Nze?" Era awo, nga Katonda yennyini oyo gwe baali bayimbako, nga bazibe ekimala okubeera nga bamukomeredde ku musaalaba, ne batakimanya.

Kaakati, Baibuli tegamba nti ekkanisa ya Lawodekiya, eyo erowooza nti y'amaanyi nnyo ku lwa ba memba baayo ab'ekibiina ky'eddiini, ejja kubeera "bwereere, nnakuwavu, njavu, nzibe ya maaso, kyokka nga tekimanyi"? *Obuzibe* butegeeza ki? *Obuzibe* eri ekkanisa ya Lawodekiya eno, kitegeeza nga bwe bwakola mu kukomekkereza ekkanisa y'Abayudaaya, bazibe eri Kristo yennyini oyo gwe baalina ku ngulu, ng'akonkona, ng'agezaako okuyingira; "bali bwereere, banaku, baavu, abasaasirwa, abazibe, kyokka nga tebakimanyinako." Ai Katonda tukwatirwe ekisa!

136 Lwaki eŋŋano tegalamira wabweru mu Kubeerawo kw'Omwana eyo ebusukka, era n'eraba essaawa gye tubeeramu? Yee, Kristo y'Essaanduuko yaffe, wabula engeri Ye gye yasooka okukikolamu. Awo wuuno wano...Kituufu baalina Omwoyo We, ekyo tukimanyi. Balindirira Mukama, okulaba entegeka Ye ku Kigambo Kye kinnakabala mu biro byakyo okukakasibwa, ekyo kye tuteekeddwa okubeera nga tukola mu kiseera kino kati. Era Abikkula okukkiriza kwabwe okuyita mu Kigambo, tumulaba nga Akakasa buli nteekateeka gye Yasuubiza, si nkola za bantu ez'ebibiina by'amadiini, si kwekolera ba memba mu ssaanduuko zaffe.

Balina essaanduuko y'Ekimesodisiti, essaanduuko y'Ekipulesibataliya, buli muntu yenna agenda mu ssaanduuko eno ku lw'ekibonyobonyo eky'amaanyi ekijja; "Ekitiibwa kidde eri Katonda! nnabatizibwa mu ssaanduuko y'Ekimesodisiti, ey'Ekipulesibataliya essaanduuko y'Ekipentekooti." Waliwo Essaanduuko emu yokka, nga Ye Yesu Kristo, era Ye kye Kigambo!

137 Mwetegereze, Katonda Yagamba nnabbi, yamugamba nti, "Lya omuzingo," mu Ndagaano Enkadde. Nnabbi w'Endagaano Empya, Yamugamba nti, "Lya akatabo akatono." Lwaki? Nnabbi oyo era n'Ekigambo bajja kuba omu! Mulaba? Eyo y'Essaanduuko, Ekigambo kya Katonda.

Katonda asuubizza Ekigambo Kye, engeri gye kijja okutuukiriramu era n'engeri gye kijja okubeerawo awo ng'Alonze Omugole We, engeri gye kijja okukolebwa. Kiri mukutuukirira mu maaso gammwe, mu Linnya lya Mukama, era ekyo kwe kuyita mu Kigambo kinnakabala! Obubaka bw'ekiseera eky'akawungeezi buli wano.

Bameka abajjukira Haywood bwe yawandiika:

Nja kubeera Ekitangaala mu kiseera eky'akawungeezi,

Ekkubo erigenda mu Kitiibwa mu mazima ojja kulizuula.

138 Yee, ekisuubizo eky'akawungeezi eky'Envumbo Omusanvu, mu kubikkulirwa 10, Malaki 4, Lukka 30 era ne 10. Musome ekyamateeka 4, 4:1 era 4, kati awo ne 25 era olunyiriri olwa 26, era olabe kiki kye Yayogera ku zino ennaku ez'oluvannyuma. Ono yali Musa nga ayogera eri Isiraeri "mukuume buli Kigambo, temukigattako kintu kyonna!" Musa, nnabbi oyo yali abaddeko waggulu eyo era n'alaba Ekigambo kya Katonda ekyo. Era kyamuwandiikirwa ne kikakasibwa nga omukono gwa Katonda gwennyini gwe gukiwandiika. Yagamba nti, "Mukuume buli Kigambo kyonna, temukigattako kintu kyonna oba okukiggyako ekintu kyonna." Ekyo osobola okukisoma mu lunyiriri olwa 25 era na 26 olw'ekyamateeka essuula eyo 4.

Mwetegereze! Temukigattako kintu kyonna, temukiggyako kintu kyonna; kubanga bwe mukikola, Katonda Ajja kuggya ekitundu kyo okuva mu Kitabo ky'Obulamu. Era ekyo kiraga nti tewali nsigo Ye.

139 Mujjukire! Buli kintu Katonda ky'atusuubizza, buli kintu Katonda kye Yayogera gye tuli, buli kintu ekikugambiddwa mu Linnya lya Mukama, kituseewo! Katonda talina kisuubizo kyonna kye Yali asazizzaamu, naye Akuumye buli kisuubizo kye Yayogera, ky'atugambye, ky'ekibadde eky'Amazima okumala gino emyaka amakumi abiri, mu Shreveport. Mbuulidde gye muli okuyita mu maanyi ga Katonda, era n'obugonvu bw'omusumba wammwe, era mbajjukiza kino olwa leero. Era n'eri abakyala abagumiikiriza; abasajja, abaana, okunyigirizibwa, okuwonyezebwa, obunnabbi, ebintu ebiyinza okutuukawo, tewali yadde ekimu ku byo ekyali kiremye okutuukirira! Kaakati, mubeere wala okuva awali ebyo ebibiina by'amadiini, bibatwala mu kufa.

140 Samwiri olunaku lumu yayimirira, era ne bagamba nti, "Twagala Kabaka, twagala tubeere nga tufaanana ng'abalala mu ensi."

Bo...Samwiri n'agamba nti, "Temutwala kabaka oyo. Ajja kutwala batabani bammwe, era ne bawala bammwe, era ajja kubakola *kino* era na *kiri.*"

N'agamba nti, "Weewaawo, nkimanyi nti oli mutuufu."

Naye Samwiri n'agamba nti, "Mumpulirize. Nnali ntutteko ku sente zo zonna? Nnali mbasabyeko obuyambi? Nnali mbagambyeko nti mulina okumpa omusaala omungi okubakolera olukuŋŋaana?" Kaakati mwesalire omusango, essaawa eno! Mulaba? Yagamba nti, "Nnali mbagambyeko ekintu kyonna mu Linnya lya Mukama ne kitatuukirira?" Tewali yadde ekimu.

"Oh, yee, Samwiri, totusabangako ku sente, toyagalangako bintu binene. Samwiri, ekyo kituufu, era byonna bye watugamba mu Linnya lya Mukama byatuukirira. Naye, Samwiri, era ekibiina kyaffe eky'eddiini mu buli ngeri tukyagala!"

"Awo mugende mumutwale. Kiri gye muli." Ekyo kituufu.

141 Oyinza okulowooza nti oweereza Katonda, naye bw'obeera ng'ova ku ngeri ya Katonda ey'okukikolamu, ogenda ku sigala ng'owaba, buli kiseera. O, Ekkanisa ya Katonda omulamu! Bambi musonyiwe olw'enkola yange ey'eki Irish era n'embeera zange ezisesa, naye mu bwesimbu ne mu bulongoofu bw'omutima gwange, mmwe aba Assemblies of God, mmwe ab'Obumu, Abapulesibataliya, Abamesodisiti, kyonna kye muli, mudduke mutaase obulamu bwammwe. Mufume muveeyo eyo.

Amawanga gamenyeka,

Isiraeri ezuukuka,

(nga yeetegekera olw'abo abaasigalawo)

Obubonero obwo bannabbi bwe baalanga edda;

Ennaku z'ebibiina by'amadiini mbale n'ebyennyamiza,

Mukomeewo, mmwe abaasaasaana, eri abammwe

Olunaku lw'okununulibwa luli kumpi,

Emitima gy'abantu giremererwa olw'okutya,

Mujjuzibwe n'Omwoyo We,

Ettabaaza zammwe muziwawule

era zaake bulungi,

Mutunule waggulu, obununuzi bwammwe buli kumpi.

Mukikkiriza ekyo? Tuli mu biseera eby'enkomerero, tuli wano. Omukono oguwandiise ku kisenge, okujja okw'Okubiri kutuuse, Omugole ali mu kulondebwa, afukirirwa, aggyibwayo.

142 Kaakati, ekyo tekitegeeza nti aggyibwa mu kkanisa, ekyo kitegeeza nti aggyibwa okuva mu bibiina by'amadiini. Oteekeddwa okugenda ku kkanisa, naye teweegatta ku kibiina kyaddiini kyonna. Yesu yatambulanga n'ebibiina by'amadiini byonna, naye teyeegatta yadde ku kimu ku byo. Newankubadde okwekubira ku ludda lw'ekimu kyonna, mu mazima ddala nedda, naye Yali mu masekkati gaabwe. Eyo Ekitangaala gye kyali kirina okusaasaanyizibwa. Era n'osigala awo wennyini w'oli, ng'osaasaanya Ekitangaala. Mulaba? Ekyo Katonda ky'akukozesa. Abantu ab'emitima emiyala, bamanyise nti Yesu Kristo wa ddala, y'omu era nga bwe Yali olwa jjo, era bw'Ali n'olwa leero; era bw'Ajja okubeera emirembe gyonna.

143 Kisoboka, omusajja oba omukazi n'obwesimbu bwonna, nga bagezaako kyonna kye basobola okuweereza Katonda, naye nga basiikuddwa mu ngeri enkyamu. Nga ku bo balina amafuta g'Omwoyo Omutukuvu aga nnamaddala, naye nga basiikuddwa mu ngeri ekontana n'enteekateeka ya Katonda eri omulembe, era ne batabula ekintu kyonna. Kaakati, bwe muba nga mukkiriza nti ago ge Mazima, mugambe nti “Amiina!” [ekibiina n'ekigamba nti, “Amiina!” -Muk.] Tukisoma busomi. Okutabulatabula ekintu kyonna nga tozze mu kkubo lya Katonda Ly'Ataddewo okukikolamu.

Leka tusabe.

144 Ai ggwe, ekkanisa, wano era n'okwetooloola eggwanga, muwulirize omuweereza wammwe omuwombeefu amakya ga leero. Munaakikola? Mutunule wa we mwali emyaka mitono egiyise nga kino kya katandika; kaakati mulabe okugeegeenya bwe kukyetuumyeko, era obukadde n'obukadde era n'obuwumbi obungi obwa ddoola buzze mu bibiina. Mulaba? Naye era mukyali wala okuva ku Kigambo kya Katonda. Ebizimbe era n'ebibiina si y'engeri Katonda gy'asiikuulamu Omwoyo We. Amusiikuulira awo wennyini mu Kigambo Kye, okukifuula ekiramu. Era bw'oba nga wayawulibwa okuva ku lubereberye lw'ensi eri Ekigambo ekyo, buli Kigambo kyonna kijja kujja butereevu waggulu w'Ekigambo. Ng'akatoffaali k'omuntu bwe katasobola kubeera n'akatoffaali k'omuntu kamu, era ekiddako ke katoffaali k'embwa, era ekirala akatoffaali ka kappa; bujja kubeera butoffaali bwa muntu. Naye kiteekeddwa okubeera n'akatoffaali mu kusooka. Ekyo bwe kiri? Mugambe nti, “Amiina.” [ekibiina ne kigamba nti, “Amiina.” -Muk.] Kale, bwe kiba nga mu kusooka akatoffaali ka Kigambo, obutoffaali bw'Ekigambo obulala bwawuliddwa kukafuula omubiri ogujjudde.

Temubeera baana bato, mu kwagala kwokka, naye mubeere basajja mu Mwoyo era mu kusala ensonga. Musaleewo ku nsonga oba nga mbabuulidde Mazima oba nedda. Musaleewo mmwe oba ky'Ekigambo kya Katonda oba nedda. Musaleewo oba y'essaawa gye twogerako oba nedda. Musaleewo oba ebintu bino byasuubizibwa. Kaakati, baakakasibwa? Olw'ebintu nti tewali mwana wa muntu yenna ku nsi ayinza kubikola. Naye kifuuse kyabulijjo nnyo gye tuli okutuusa bwe tubireka ne bituyitako. Mulindeeko, ekkanisa, mulinde.

145 Bwe kibeera nga munda wano amakya ga leero waliwo omuntu yenna nga tomanyi Yesu Kristo, nga toggyibwangako musango amakya ga leero, ng'ebibi byo byonna bigenze nga kiringa atayonoonangako, era ng'oyagala kubeera bwotyo...kubanga jjukira, olunaku lumu, oba oli awo olwa leero, oba oli awo mu ddakiika ettaano eziddako, naye olunaku lumu omutima ogwo gugenda kuyimirira okukuba. Era n'ekyo ekiri munda ddala kigenda kubuuka kiyimirire mu Kubeerawo kwa Katonda okusalirwa omusango okusinziira ku kiki ky'okola n'Obubaka buno amakya ga leero, okusinziira ku Bubaka *buno* bw'olaba. S... si nze, nze ndi mumwa oguyitamu eddoboozi. Ng'akazindaalo kano, tekayinza kwogera kintu okuggyako nga okoogereddeko. Era newankubadde nze siyinza kwogera kintu kyonna okuggyako nga Katonda Y'ayogera, naye mulaba Katonda Akikakasizza okubeera Amazima. Oyagala okubeera Omukristaayo owa ddala.

Kaakati, tetulina kifo kuyita bajja kulokoka, naye awo wennyini ku mmeeza w'otudde. Ekifo kijjudde

kikubyeko, kibooze. Siyinza kubayita kujja wano ku wolutaali, tewaliiwo wano woolutaali kubayita mujje. Naye woolutaali eri mu mutima gwo. Tooleke okwo okulumirizibwa okutono nti "Yesu Kristo wa ddala" Tambula butereevu osembere olwa leero era oyite Omubiri Gwe ogusigaddeyo gy'oli, muyingize mu mutima gwo? Bw'abeera nga taliiyo, oyinza okuwanika omukono gwo, ng'akabonero gy'Ali, ng'ogamba nti, "Mukama, nzijuza, nzijuza n'Ekigambo Kyo era n'okubeerawo Kwo, nti Osobole okumbezaawo"?

146 Nga buli mutwe guvunnamye, buli liiso lizibiridde, wona okwetooloola eggwanga, mmwe abali wano mu kibiina ekirabika muwanike emikono gyammwe era nammwe abali wabweru eyo; era ŋŋenda kubasabira. Ky'ekyo kyokka kye nsobola okukola, sisobola kukijjuza. Katonda abawe omukisa. Sisobola kukijjuza. Katonda abawe omukisa; era nammwe. Katonda asobola okukijjuza. Katonda abawe omukisa. Emikono giwanikibwa wano mu kibiina ekirabika, buli wamu. "Kijjuze. Nzijuza, Ai Mukama. Nzijuza." era kaakati, nga mmazze...Weebale, mwannyinaze. Weebale, muganda wange. Katonda abawe omukisa. Nga mmazze...Katonda abawe omukisa, mwannyinaze omwagalwa. Ggwe. Oluvannyuma...ndowooza kaakati nkutte ekisinga okubeera eky'obwesimbu, nga mugezaako okubeera, njagala okuwanika emikono gyange nammwe

Ai, Mukama, tondekanga kutuuka ku kkomo. Nga nneeyongerayo, Mukama, tondeka kukoma ku kintu kimu, leka nsigale nga nneeyongerayo mu maaso, Mukama, okutuusa nga mmazeeyo buli kintu kyonna Ggwe kye wantegekera okukola. Nga oggyeko omutango, nga oggyeko omuwendo, nga oggyeko okukolokotebwa, oba omusaalaba guzitowa kyenkana wa, nja kujjukira omusaalaba gwe wasitula.

N'olwekyo guno omusaalaba ogwawuliddwa nja kugusitula

Okutuusa okufa nga kunfudde ow'eddembe;

Awo ŋŋende ewaka, okwambala engule,

Waliyo engule yange.

Yesu ateekeddwa okusitula omusaalaba yekka,

Ng'ensi yonna terina ky'ekutte?

Nedda, waliwo omusaalaba ogwa buli omu ku baana Be,

Waliwo omusalaba ogwange.

147 Ow'omukwano Katonda, Ekigambo kifulumye kigenze. Tekisobola kukomawo nga kikalu, kijja kufuna ekifo kyakyo awantu awamu. Ensigo bw'ebeera ng'emaze okusimbibwa, kijja kugifukirira okutuusa ng'ekuze. Era tewali muntu yenna ayinza kugiggya mu mikono Gyo, "Bonna Kitange b'Ampadde bajja kujja Gyendi, tewaliiwo muntu ayinza kubaggya mu mukono gwange. Kitange Yabampa nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo"; ng'enteekateeka zonna zikolebwa, bwe kyali, Yesu Kristo n'aweebwa ekkanisa Ye, Omugole We.

Obufumbo bw'ensi obw'ekikwagala, eri ebibiina by'amadiini bino. Wajja era n'ofiira mu nsi, n'Omununula, n'Omuggyako omusango, Omugole mu kusooka yali takikolangako. Yategebwa butegebwa okukigwamu, nga muzibe. Era ng'oluyimba bwe lugamba:

Lumu nnali mbuzze

naye kaakati nnazaawulwa,

Lumu nnali mu Lawodekiya,

omuzibe, naye kaakati ndaba.

Era kyali kisa ekyayigiriza omutima gwange okutya,

Kyali kisa okutya kwange ne kuvaawo;

Nga kyamuwendo ekisa ekyo bwe kyalabika

Essaawa lwe nnasooka okukkiriza.

Era amazzi ga Katonda gagwa ku mmeeme yange. Nnali muyonta nnyo.

148 Katonda, ku woolutaali eno entono eya buli mutima oguli wano era n'okwetooloola eggwanga, leka amazzi okuva wansi we woolutaali ya Katonda gafukumukeyo amakya ga leero okujja ku Kkanisa yo; era gagifukirire, Mukama, kubanga ebiro biri kumpi okuggwaayo. Giwe Obulamu, amazzi ag'Obulamu, nti esobole okubeera mu Kubeerawo kw'Omwana okusola okwengezebwa ku lw'amakungula Go ag'amaanyi.

Kitange, mbasabira. Naye ekikolo kiteekeddwa okukala, n'olwekyo sisobola kukisabira; kiteekeddwa

okufa, bwe kityo kifu. Naye nsabira eŋŋano, Mukama, eri mu kuzimbibwa mu mubiri gwa Kristo. Kituwe, Mukama, nti amazzi amasu aga Katonda gajja kukuuma amatama gaayo nga ganaazibwa n'amaziga ag'essanyu era n'okutegeera okutuusa okimibwa nga kuzze okugitwala ewaka. Mu Linnya lya Yesu, yonna ngiwaayo gy'Oli, Mukama; ebinaavaamu bibyo Ggwe. Amiina.

149 [ Mwannyinaze mu kibiina awa obubaka -Muk.] Amiina.

N'olwekyo Kitange, Katonda, tukwebaza. Era, Taata, tusabira mwannyinaffe omuto, omuzaana wo wano, olw'amaanyi ge. Ndowooza ku kiseera ekyo bwe nnagenda we yali, engeri Omwoyo oyo bwe yamujjako era n'awa obubaka bwe bumu nga obwo Malayika wa Mukama bwe yawa ku Mugga ku lunaku olwo: "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja kwa Mukama Yesu okwasooka, otumiddwa okukulembera okw'okubiri."

Nkiraba kaakati nga kye bumba mu okufuuka ekitundu kye eŋŋano, Katonda, tukwebaza olwa buli kintu kyonna ky'Okoze. Emitima gyaffe gijjudde nnyo ne tutayinza na kwogera. Mpulira ndi mujjuvu nnyo, Mukama, simanyi na bwe nnyinza kwogera kintu kirala kyonna. Naye weebale Kitange, nate, olw'ebyo byonna by'otukoledde. Okuyita mu Linnya lya Yesu.

Mwagala,...

Leka tumuyimbire buyimbizi Ye, kaakati. Jjukira nti ali wano.

Kubanga Ye yasooka okunjagala,

Era n'angulira obulokozi bwange

Ku muti ekaluvaaliyo.

150 Ekyo kikuleeteera okuwulira ng'ofuuse mutono ddala, omutono ddala? Wenna nga okalidde, ng'olindiridde bulindirizi Mwoyo, mulaba.

Weekwate ku mukono gwa Katonda! ogutakyuka!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Essuubi lyo lizimba ku bintu Ebitaggwaawo,

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Teweegomba bya bugagga by'ansi eno ebitaliimu,

Ebivunda amangu ennyo,

Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo, (si kibiina kya ddiini, kaakati)

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

151 Bameka nga mugezaako okukola ekyo? Wanika omukono gwo. Kaakati kwatira awo ku ntebe, mukwatagane mu ngalo, bwe *muti*, wamu. Osobola okutuula, tekirina buzibu, oba ekintu kyonna ky'oyagala okukola. Muwulirize n'obwegendereza. Leka tukiyimbe fenna wamu kaakati. Kino kikiikirira olujegere lwaffe olutamenyese olw'Okwagala kwa Katonda. Tukutte emikono gya bannaffe kubanga tukkiririza mu Katonda. Tukwata ku bannaffe kubanga tuli fenna wamu baluganda era ne bannyinaffe, Omwoyo atambula y'omu, Ekigambo kya Katonda Ekitaggwaawo ekitudde mu mitima gyaffe nga kirabisibwa.

Ng'olugendo lwaffe luwedde,

Bwe tuba nga eri Katonda tubadde b'amazima,

Amaka gaffe amalungi era agaakaayakana mu Kitiibwa,

Emmeeme zaffe ezikwakuliddwa zijja ku galaba!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka! (Omwoyo wa Mukama!)

Weekwate ku Katonda...

Ggwe muteekeko ebirowoozo byo, mulaba. Kino ky'ekika ky'enkuŋŋaana ze tuteekeddwa okutegeka mu biseera eby'omu maaso.

...omukono ogutakyuka!

Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitagggwaawo...

Ekigambo ky'ekintu kyokka ekiriwo Ekitaggwaawo.

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Teweegomba ttutumu ly'ansi eno eritaliimu, obuyigirize,

Ebyo ebivunda mu bwangu ennyo, (bitunuulire olwa leero, ekyo kye bikoze.)

Noonya okufuna eby'obugagga by'omu ggulu,

Tebiriggwaawo!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutakyuka!

152 . [ Mwannyinaffe n'ayogera mu lulimi olulala. Ow'oluganda Branham n'atandika okuwuuna Weekwate ku Mukono gwa Katonda Ogutakyuka. Mwannyinaffe omulala n'avvuunula -Muk.]

Nga tukwebaza Ggwe, Mukama. Nga tutuuse mu kaseera kano ak'omuwendo, kumpi lulinga lumbe, kubanga tutunuulidde okuziika kw'ensi eri mu kufa, ensi enfu; eri mu kufa, ekkanisa enfu.

Ai, Katonda, kuŋŋaanya eŋŋano yo mu bwangu, Kitange. Jangu mu bwangu, Mukama Yesu.

Abantu Bo bawe omukisa, Kitange, leeta obwesimbu era n'obuziba eri emitima gy'abantu. Leka amazina ago amazina g'ensi tugaveeko. Tukkalire wansi mu bugagga obw'obuziba bw'omubisi gwa Katonda. Kituwe, Mukama. Kuuma emitima gyaffe nga ginywezeddwa mu kwagala era n'obwesimbu.

Abantu Bo bawe omukisa, Kitange. Nga tuva mu kifo kino leka tugende mu Linnya erya Mukama Yesu okwogera ekyo eky'obwesimbu, ekyo eky'Amazima, ekyo ekituufu, leka tugaane ekyo ekikyamu, Mukama. Omuntu yenna bw'atandika okutulimba, leka tumukube mangu amabega, tukube amabega buli kintu kyonna ekikyafu, okusaagasaaga okw'obugwagwa era n'ebintu by'ensi, era tubikube omugongo tutambule tuveewo. Tuyambe, ow'omukwano Katonda. Tubumbe, tufuule, tumenye, era otukolemu ebifaananyi eby'abaana ba Katonda ab'obulenzi era na b'obuwala nti tusobole okweyisa n'embala ey'Omwoyo Omutukuvu. Twewaayo gy'Oli, nga tukwataganye mu mikono gyaffe, mu Linnya erya Yesu Kristo. Amiina.

Leka tuyimirire. Ow'oluganda Nolan.

Byabuulirwa
William Marrion Branham
"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7

www.messagehub.info